

OBUFUMBO BUWEEREZA MU BITUNDU  
**OBUKULEMBEZE OBW'OBWA  
KATONDA**

**EKITABO EKY'OKUJJUZAMU**

**OMUZINGO 5**

"Kale mugende, mufuule abantu b'amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe. Era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo" (Matayo 28:19-20).



Craig Caster  
*Godly Leadership in Luganda*  
Marriage Is a Ministry series, Volume 5 of 5

# **Craig Caster**

*Obukulembeze obw'Obwakatonda Muzingo gwa 5 Mu Bitundu By'obufumbo Nabwo Buwereeza.*

## **Emitwe Emirala Mu Bitundu By'obufumbo Nabwo Buwereeza**

*Omusingi Omunywevu (Omuzingo 1)*

*Omukwano kyeki (Omuzingo 2)*

*Ebyetaago ebyengyawulo (Omuzingo 3)*

*Eby'okutukiriza Ebilabwako (Omuzingo 4)*

Ekitabo ky'Omukulembeze

## **Ebitabo Ebirala Eby'emirimu gya FDM.world**

Omusingi Gwa Mazima gw'Elikristaayo: Omusingi Omunywevu eri Omuyigirizwa aka Craig Caster

Okukuza abaana buwereeza mubitundu aka Craig Caster

Okutegera abavubuuka aka by Craig Caster

Ebitabo byonna eby'emirimu gya FDM.world bisembebwa okusomebwa omuntu kinnoomu, mu bibinja ebitono, ng'ebikozesebwa mu buyigirizwa, ne mu kubuulirira.

NB. Amabanga gonna okuva mukatabo akasooka okufuluuma gagidwamu. Enamba ezempapula ezimu zandiba nga zibukidwa kulwe nsonga eno.

# **Obukulembeze obw'Obwakatonda**

Obufumbo Buweereza Mu Bitundu

Volume 5

Craig Caster

"N'olwekyo mugende mu mawanga gonna mubafuule abayigirizwa nga mubabatiza okuyita mu linya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu, mubasomese byonna byembalagira era ndiwamu namwe buli kiseera okutuusa kunkomerero." (Matayo 28:19-20).

# FAMILY DISCIPLESHIP MINISTRIES

Enamba: (619)590-1901

Email:info@FDM.World, www.discipleshipbooks.com

Obukulembeze obw'Obwakatonda, obufumbo buwereza nga katabo 5 omuwandiisi Craig caster ISBN978-1-7331045-3-1 Kafulumizibwa©2019 Craig caster ye yakafulumya. Amateeka gagobererwa 09012020 okudamu okukasoma.

Ebyawandikibwa byonna ebikozesedwa bivudde mu New king James Version ®. Copyright ©1982 ne Thomas Nelson. Twamala kufuna lukusa.

Ebyawandikibwa ebilambiddwa ne ESV biba mu Baibuli ya ESV® (The holy Bible, English Standard Version ®. ESV obuwandiike bwayo mu 2016 copyright ©2001 eri cross way abafulumya Baibuli ya Good News era okwokesamu obuwandiike kyabulabe. Amateeka nobukwakulizo bigobererwa.

Ebyawandikibwa ebilambiddwako HCSB byagiddwa mu Baibuli eyitibwa Holman Christian Standard Bible ®. Copyright ©1999, 2000, 2002, 2003, 2009 okuva mu Baibuli ya Holman Bible publishers era twakozesa ebyawandikibwa okuva mu Baibuli eyo nga tumaze okufuna olukusa eri abafulumya. Amateeka nobukwakulizo bigobererwa.

Ebyawandikibwa ebilambiddwako NASB byava mu NEW AMERICAN STANDARD BIBLE®, NIV®Copyright ©1960, 1962, 1963, 1968, 1071, 1972, 1973, 1975, 1977, 1995 omuwandiisi ye Lock an foundation. Twamala kufuna lukusa obi kozesa.

Ebyawandikibwa ebilambidwa NIV byajjibwa mu kitabo kya THE HOLY BIBLE, NEW INTERNATIONAL VERSION ®, NIV®Copyright ©1973, 1978, 1984, 2011, ®inc byakozesebwa nga tumaze okufuna olukusa okuva jebali.

Obuwandiike buno tebukirizibwa kufulumizibwa nga tosoose kufuna lukusa.

## Ebiri Mu Katabo

Etandikwa .....	vi
Enyanjula. ....	viii
Esomo 1: Okukulembera Mu Ngeri ey'Obwakatonda.....	11
Esomo 2: Kirizira Mu Bisuubizo Bya Katonda. ....	18
Esomo 3: Okwesiga Mukama Buli Lunaku. ....	23
Esomo 4: Amaanyi Ga Taata.....	31
Esomo 5: Bakabona ab'omu Maka.....	36
Ebyongerezeddwako Eby'okukozesa .....	41
Ekyongerezeddwako R: Enkuluze.....	72
Ebigambo Ebisembayo .....	78

## Etandikwa

Katonda yatonda ekitongole kyetuyita obufumbo, era kilumbidwa bubi nnyo. Ebigambo ebyo biyinza okuwulikika nga sibyabulijo gy'oli, naye embeera z'obulamu embi ennyo ezirabikako, zisibuka munkolagana wakati w'omwami n'omukyala. Abagalana nga bamaze okufumbiriganwa, buli omu atandika okwekwata kw'ebyo by'ayagala era byayayanira. Ebiseera nga biyiseewo, ebizibu bisigala nga tebisaliddwa magezi, era okunakuwala, okunyiga, n'obusungu, bireeta okulumwa, ekiviiramu okwekyawa n'okuwoleera. Abantu ababiri bwebayingira mu bufumbo obutukuvu n'essubi ng'eryo, n'ebiruubirirwa ebirungi, Iwaki obufumbo bungi bulemererwa? Mungeri y'emu, Iwaki abagalana bangi batebenkedde munkolagana ezitamatiza?

Ekitabo kino kiweebwayo eri Katonda n'okwagala kwe eri buli mufumbo okufuna emikisa gye yali ayagala mu bufumbo. Abantu babiri bwe beegatta ng'omwami n'omukyala nga tebatendekeddwa mu nonno za Katonda, era emirundi mingi nga tebalina byakulabirako bya Katonda okuva mu biseera byabwe eby'emabega, mu bwesimbu tebamanyi ngeri gye bayinza kulabiriramu bannaabwe. Biyinza okuleeta obulumi obw'emabega n'obuzibu obw'amaanyi obwetyongera. Okuyitira mu kitabo kino, Katonda ajja kubikkula amazima agataliiko kuteesa agateekwa okugobererwa, oba ebinaavaamu bijja kuba okuggwaamu amaanyi n'okwekyawa. Mu bufunze, obulumi bungi.

Ebyo okubala bilaga nti obufumbo bungi wakati mu bakristayo bukomekereza mu kwawuukana. Nga abaana ba katonda era abasiika be bisuubizo bye byona, Iwaki abakiriza baremererwa? Ekizibu kiri nti okubulwa okumanya, okubulwa okuyirizibwa mu nonnoz z'ebyawandikibwa. Ekyenaku, ekanisa teri kuteekamu manyi gamala mu kitundu kino okukyuusa ekyo ekiri okwera abangi wansi mukubo elyo okusanyizibwawo. Abafumbo bali mubwetavu obw'amaanyi obw'okusomebwa ebyawandikibwa, okubeera nga bayigirizibwa abalala mu mazima ga katonda. Abakiriza bwebayiga biki katonda by'ayagala ne basalawo okumugoberera nga abayigirizwa ba kristo, bagya kufuna ekisa namanyi okuwangula ekizibu kyona.

Katonda ayagala okweraga nti wa maanyi ku Iwaffe era ayagala tumugulumize mu bufumbo bwaffe. Naye naffe tuteekwa okuba nga twagala. Tukimanyi nti obufumbo bukulu nnyo eri Katonda, naye Abakristaayo abasinga obungi oluvannyuma Iw'emyaka kkumi mu bufumbo bakyawulira nti tebasobola kuyigiriza balala. Lowooza ku muntu eyali amaze emyaka kkumi ng'akola omulimu. Bayinza okuba nga bekakasa bulungi nti basobola okutendeka omuntu omulala. Era Katonda afaayo nnyo ku ngeri gye tulabiriramu bannaffe okusinga emirimu gyaffe.

Bw'onoomala ebituntu bino mu mbeera ey'okusaba, Katonda ajja kukubuulira ekigendererwa kye ng'omwami n'omukyala. Ebintu byonna byesigamiziddwa ku mazima ga Baibuli. Ebitabo eby'okukozesa n'okujuzamu bijja kukukulembera n'Ebyawandiikibwa n'okukuwa ebyokulabirako eby'omugaso ebinaakuyamba okussa mu nkola enonno z'oyiga. Ate era ebitundu bino bigenderedwaamu okuyigirza abalala. Bw'oggulawo amaaso go olw'engeri ey'ekitalo Katonda gy'akyusaamu obulamu bwo, ojja kulaba ng'abalala bangi nabo beetaaga obuyambi.

*Mukama katonda, webale kutulaga mutima gwo n'okwagala kwo jetuli okuyita mu kigambo kyo. Nkusaba owe omukisa abo abayita mu kitabo kino. Babikulire enono era bazitegere bulungi. Bawe emitima egypt obuwombeefu basonyiwe abo ababakosezza n'okwagala okusonyiyibwa abo be balumiza. Katonda, gulumizibwa mu bufumbo bw'abo abaagala okukugoberera. Amiina.*

## Enyanjula.

Akatabo kano kakoletedwa okkulunjnjamya mukuyigirizibwa, ekitegeeza okutambulira mu nnono za katonda. Bwe tukozesa ebigambo nga okutambula, tusuubira nti okitegeera nti okubeera wansi w'ennono zino kikulu nnyo ng'okuyiga okutambula.

Bino by'ebiruubirirwa by'ekitabo kyaffe eky'okujuzamu:

1. Okukulaga nti Katonda atuwa ennono z'obufumbo.
2. Okutegeka obeere nebikozesebwa n'okuteeka mu nkola ennono zino, era
3. Okulunjnjamya obufumbo bwo n'ab'omu maka go mu kusonyiwa, okuwonya, n'okuba obumu okuyitira mu buwulize eri Katonda.

Obuwereza mukuyigirizibwa kw'amakka obwa Famire discipleship ministries buliwo okuyamba mu kusomesa omubiri gwa Kristo mu bintu ebikulu, okulemererwa okuyigiriza abalala kikwatagana buterevu nokulemererwa mu bufumbo ensangi zino. Era tumanya tutya kino? Olwebyo byetulabye, byetuyiseemu, n'ebyo bye tuzudde mu miwendo egikakasiddwa leero.

## Omutendera

Essomo lyawuddwamu emirundi ettaano. Tutandika n'omuzingo ogusooka netweyongerayo nemizingo emilala nga bwegiddiringana. Gwe okubuuka emizingo egimu notagisoma kubanga tojagadde kiba kikemo gyoli era tekiba kirungi kubanga buli ssomo lilina kyelikuyigiriza era lizimbidwa ku linalyo. Okugeza wandyagadde okumanya ebyetaago byomwami ova omukyala byeyegomba, naye waliwo ennono zebyawandikibwa eziyamba omuntu okuyiga nga tonaba kumanya nyo mwagalwawo byayagala mu nkola ey'obwakatonda.

Fuba okumaliriza omusomo gumu buli lunaku okumala ennakku ttaano. Okusobola okuyiga obulungi buli lunaku kikulu nnyo mu by'omwoyo.

Ennono zino zigeseseddwa era nezikakasibwa bulungi. Nzikozesezza mu bufumbo bwange era nyambye bangi nga nzisomesa emirundi mingi nga mpabula abafumbo n'okusomesa mu bibiina. Tegeera Kino nti kano si katabo "*ak'ebantu bitaano ebyangu okukola mu bufumbo.*" Okubeera omuyigirizwa wa Baibuli mulimu muzibu era kyetaagisa okwewaayo eri Katonda by'ayagala nga bw'okyusa ezimu ku ndowooza zo n'enneyisa yo. Ekyo kijja kwetaagisa okwewaayo, okwefiiriza, n'obwetoowaze.

## Okutandika buli lunaku:

- Tunuulira buli kusoma kwa buli lunaku ng'ekiseera ky'omala ne Katonda wo, era Musuubire okwogera naawe okuyitira mu Kigambo Kye.
- Olunaku lutandiike ne saala, osabe mukama akulage wa wolina okukyusamu era akuwe n'amaanyi okuteeka mu nkola by'oyize.
- Fumiitiriza. Toyanguyiriza kuyita mu bintu ogambe nti omalirizza. Katonda muwe obudde okwogera naawe, era fumiitiriza ku ebyo bye muyiga.

## Ebintu by'Olina Okumanya:

- Okusoma kuno kintu kipyा mu byokola era kijja kwetaagisa okiwa obudde. Eby'okuyiga birina okukolebwa buli lunaku. Bw'osubwa olunaku, tobuuka mpapula, wabula fuba okumaliriza byonna by'osoma mu ntegeka y'abyo.
- Ebyawandiikibwa biraga bulungi nti obufumbo bukulu nnyo eri Katonda. Bw'oba ng'olina obuzibu okumaliriza eby'okuyiga, sabira entegekazo n'ebintu ebirala by'olina okukola. Saba omuntu okusaba nawe bwe kiba kyetaagisa.
- Jjukira nti omwagalwaho wa mugaso nnyo mu kufuba kuno. Muyige wamu oba mu ngeri ey'enjawulo, buli kiseera mukubaganye ebirowoozo naye ku ebyo bye muyize era musabe mukole enkyukakyuka zonna eziba zeetaagisa.
- Eby'okuyiga biyinza okwawukana ku bungi bw'ebiweereddwa. Oluvannyuma lw'okumaliriza buli ssomo, tunula mu ky'okuyiga ekiddako osobole okuteekateeka obudde bwo ne Katonda, ofunemu ekisinga obulungi.
- Ekifo kiweebwa okuddamu ebibuuzo n'okuwandiika ebirowoozo byo n'okusaba. Bw'oba ofunye ekitabo kino ekyokujujuamu okuva kuyintaneti n'kiprintinga, tukuwa amagezi okukinyeza n'obooma busaatu obwa binding n'oteekamu empapula endala zonawandikamu obuwandiike bwo.

## OKUSIMA EBUZIBA

Ekitundu kino kiwa akakisa okusoma Ebyawandiikibwa n'okubikwataganya n'ensonga eyogerwako. Ojja kweyongera okumanya Baibuli, ennono za Baibuli ezikwataku bufumbo, n'ekyo Katonda ky'akusuubiramu ng'oli mufumbo.

### Okwekebera

Bw'oba osoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikuwa obudde okwekebera, okuzuula ebifo ebyetaagisa okulongoosaamu. Ekifo kiweebwa okuwandikaamu olukalala lw'ebyo byoyize, okwatula kwo, n'okusaba amaanyi

FAYILO Y'AMAZIMA	
Obubokisi nga buno, buwa ennyinnyonyola y'ebigambo oba ebigoebiva mu Baibuli. Tufaayo nnyo okukozaa enkuluze za Bayibuli ezimanyikiddwa ennyo, ez'eddiini, ennungi n'ebi'okuddamu okusobola okutegeera obulungi ebyogerwako bwe kiba kisoboka. Bingi ku binnyonnyola bino biri mu Ekyongerezewako R: Enkuluze.	

n'amagezi okukola enkyukakyuka ezo. Ekimu ku bintu ebiyinza okubaawo ng'omuyigirizwa kwe kuwa embalira ey'obwassekinonu. Katonda bw'akuraga nti wasobya omwagalwawo oba abaana bo, kkiriza ekibi kyo obasabe okusonyiyibwa. Kino kikole buli kiseera ne bwe kiba nga tekimanyikiddwa.

## **Enteekateeka y'Okukola**

Oluvannyuma lw'okusoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikusoomooza okubaako ky'okolawo n'okussa mu nkola by'oyize mu bufumbo bwammwe. Okusobola okubeera abayigirizwa ab'amazima tuteekwa okutegeera nti Katonda takoma ku kwagala nti ffe tweyongere mu kumanya, naye era atulagira okutambulira mwebyo bye tumaanyi.

## **Ebikozesebwaa Ebyongerezewaako**

Nkusaba okozese ebintu ebikozesebwaa ebiri ku nkomerero y'ekitabo. Biriwo kulwo'kukula kwo, era tubyoogerako mu bitabo byonna eby'okujuzamu. Nga tonnatandika lugendo luno olulungi, jjuza *Ekyongerezewa A: Ebbaluwa ey'Okwewaya* (omuzingo 1).

## **Okulungamizibwa kw'Omukulembeze**

Akatabo k'okulungamizibwa kw'omukulembeze kasangibwa ku FDM.world wansi wa *Free Ministry Downloads* nga kitegeza nti osobola okawanula okuva ku intaneeti kubwereere. Ebintu byonna ku mukutu gwaffe ogwa Intaneeti biteeka essira ku kuyigirizibwa era biweebwa ku bwereere.

## **Esomo 1: Okukulembera Mu Ngeri ey'Obwakatonda.**

Baibuli enyonyola obuvunanyizibwa bw'abasajja obugabidwa Katonda kuni kuno nga "omukuumi" oba "alabirira"(Olubereberye 2:15). Abasajja bayitidwa okubeera abakulembeze era okukulembera mu ngeri ey'obwa Katonda okusinzira kubiragiro bye n'etegeeka. Abakyala bakulu nyo ku kitundu kino ekyo buvunanyizibwa nga abayambi, mu kukubiriza n'okuyamba omusajja mu kitundu kino. Omukazi alina okukiriza nti obuyambi bwe bukulu, okutegera nti omwami yetaga obuyambi obutakoma okufuka omukulembeze Katonda gwe ya mutekegeera okubeera. Omukyala asobola okubeera ekikozesebe mu mukono gwa katonda, ategedwa okukola n'omwami we okuzimba famire ey'obwa Katonda.

Omukyala, waliwo amanyi musala eyo kwegayirira. Yiga ebintu bino ku mwami wo osobole okwegayirira musaala ku lulwe. Naye kino sigwe kufuuka "mwoyo we mutukuvu" nti omujuukize buli lunaku ku kiki kyalina okukola nga omukulembeze. Mukifo kyekyo, kozesa okutegera kuno okumanya butya bwo musabira.

### **Entegeeka ey'Ebikolwa.**

Omwami, wandiika okwewaayo kwo eri Katonda mu kitundu kino era osaabe Katonda ekisa kye okubeera omwesigwa.

Omukyala, wandiika okwewaayo kwo eri okwegayirira mu kusaaba eri omwami wo mukitundu kino era osaabe ekisakte okubeera omwesigwa.

---

---

---

---

---

### **Obukugu Bwolina Okuyiga**

Ekigambo kya Katonda kijjudde ebyokulabirako ebiyamba okuyiga, Yesu bye yateranga okukozesa mu buwerezza bwe. Lowooza ku buvunaanyizibwa obw'okuyamba omwana okufuna layisinsi y'okuvuga emmotoka. Oyinza okukijjukira, oboolyawo okukikola n'omwana wo oba okujjukira ebyo bye wayitamu ng'omuvuzi omupya. Waliwo ebintu bingi bye tusobola okuyiga mu bulamu, era ebimu bya butonde gye tuli okusinga ebirala. Ng'abantu abamu bwe batuuka ku kuvuga mmotoka nga balina obuvumu n'obukugu, abalala si bwe batyo.

Olw'okuba nnyumirwa nnyo pikipiki, nateeka mutabani wange omukulu, Nicholas, ku pikipiki ey'empiira ena nga tannaweza myaka ena. Yategeera endowooza y'okukwata amayembe g'epikipiki, n'okuweeta nga bukyali, n'olwekyo bwe kituuka ku kuvuga mmotoka, okuyingira mu kkubo omuli mmotoka endala, okuwa obubonero n'ebyo byonna, yali abikola awatali

nakwelowooza. Ku mutabani wange Justin, kyali kya njawulo. Justin teyanyumirwanga pikipiki, n'olwekyo teyalina bumanyirivu bwe yayingira mu kutendekebwa kw'abavuzi b'emmotoka. Yasooka kwegezaamu ne maama we era lwe lwasembayo okuvuga naye. Yanjamba nti, "Mukwano, sijja kuddamu kukikola ekyo."

Bw'afuka obuvunanyizibwa bwange okuda ewaka amangu okuyambako Justin mu kuyigirizibwa kwe. Siryelabira kuvuga naye n'okulowooza nti yali tayiga. Omulundi ogwasooka okuyingira lane y'abali mu bwangu mu ka mmotoka ka toyota tercel, namutunira nga ayongeza supidi okutuuka ku milo nkaaga buli sawa nga bwe nkizuula nti nali nteeka obulamu bwange mu mikono gye.

"Kaale Justin, vva mu lane ya supiddi".

Yayanguwa mangu okutunula mundabirwamu gyatateeranga okutunula mu, n'asuula indiketa, n'akyusa lane bwatyo.

"Justin! Kiki, kiki ekyo kiki ekyo ky'okola? Totunude nakutunula!"

"eye, nkikoze," yanziramu, "ntunude nyo".

Justin, wagulu ku kibegabega kyo, tunula ku kibegabega kyo"

"Sisobola, taata. bwentunula ku kibegabega kyange sisobola kulaba mumaaso, era sisobola kukola ekyo."

Justin yamaala nafuna layisensi emukiriza okuvuuga. Naye buli kaseera bwe yagenda nga yeka mumotoka, mukyla wange nange tewerarikiriranga okufuna esimu ettisa nti afunye akabenje. Emyezi egyasooka twali tweraliikirira buli lwe yabanga avuga mmotoka. Justin teyagwa ku kabenne – mukama yebazibwe. Mu myezi gye agyasooka ng'omuvuuzi, yasibiramu ebisumuruzo bye mumotoka emirundi esaatu na lekako amataala nga gaaka emirundi mingi, nolwekyo bbature n'efa. Teeba ani gwe yayita okumuyamba ebiseera ebimu ekiro obuude nga bugenze? Ekirungi, byonna twabiyitamu nga tetulina buzibu bwonna.

Mungeri yemu, abasajja abamu, bayiga amateeka ago okukulembera famire zabwe mubwangu nyo ekusinga abalala. Embeera z'omuntu n'ebyo by'ayiseemu biyinza okukosa obusobozi bw'omusajja okutegeera ennono zino. Naye ka tube nga Katonda yatuwa mbeera z'obuntu ezifanana zitya, tuteekwa okujukira nti tuli bitonde bipya mu Kristo (2 Abakkolinso 5:17). Ebyo bye tuyiseemu tebisobola kulemesa Katonda kutuukiriza mulimu gwe mu ffe. Obujeemu bwaffe bwokka oba obutaba na kukkiriza bwe buyinza okulemesa kino.

### **Kiki Katonda kyeyali alowooza?**

Abasajja, omulimu guno Katonda gw'atuwadde okukulembera amaka gaffe guyinza okuba amawulire amapya gye muli. Era ne bw'oba ng'obadde omanyi obuvunaanyizibwa buno, oyinza okuba nga weebuuza engeri Katonda gy'ayinza n'okulowooza ku kukuteeka mu ntebe ya ddereeva. Nzijukira bwe nnali Katonda we yampeera omukyala n'oluvannyuma n'atuwa abaana

basatu abalungi. Nze ne mukyala wange twali Bakristaayo bato era nga tetumanyi ngeri gye tuyinza kulabiriramu bannaffe okusinziira ku Kigambo kye, naye Katonda yalaba ebiseera byaffe eby'omu maaso era yali akimanyi nti tujja kujja gy'ali.

Bwoba mwesimbu, kisobola okwewunyisa, era n'ekikutiisa, okubeera n'obuvunanyizibwa buno. Katonda yebazibwe kubanga yasuubiza okubeera naffe mu kubo lyona n'okutuwa obubaka bwona n'amaanyi ge twetaaga okuyuya butya bwe tuyinza okukikola.

Atusuubira okukola ensobi era amanyi engeri gye tuyigamu. Naye akimanyi nti tusobola okukikola singa tubeera mu ye ne mu kigambo kye buli lunaku.

Katonda amanyi obunafu bwaffe n'okutya kwaffe ne byonna ebitukwatako ne bwe tuba nga tetumanyi. Talowooza nti tetujja kuyiga, kubanga aliwo okuyamba. Okufaananaako abasajja abalala, nange nfubye nnyo okukiraba mu ngeri eyo nga nneebuuza obanga nnyinza okuyiga, kubanga nneeyongera okutunuulira ekkyo kye nnali awataali Kristo mu kifo ky'ekyo kye ndi mu Kristo. Zabbuli 139:1–18 eraga nti Katonda amanyi buli kimu ekitukwatako: obulumi bwaffe, obusungu bwaffe eri abalala, okwegomba, okwerowoozaako, n'engeri ensobi za bazadde baffe gye ziyanza okutukosaamu. Byonna yabimanya okuva ku ntandikwa era n'agamba nti "Nkwagala" mu ssaddaaka ya Kristo ku lwaffe. Mu ngeri y'emu, Katonda yakuyita n'akufukako amafuta, era akwesiga olw'obukulembeze bw'amaka go. Kati olina okuyiga okumwesiga.

Naye nenviiri zo zenyini nazo zibalidwa. (Matayo 10:30)

Katonda akwagala nyoo, alina okumanya okusukulumye eri buli muntu, okuba nga asobola okubala enviiri eziri kumutwe gwo. (abamu kufe omulimu ogwo gugenda gweyongera okwaguwa ebiseera nga bwebiyita!) katonda atumanyi munda ne wabweru. 2 Timoseewo 1:9 egamba " eyatulokola n'atuyita okuyita okutukuvu, si ng'ebikolwa byaffe bwe biri, wabula okumalirira kwe ye n'ekisa bwe biri, kye twaweerwa mu Kristo Yesu emirembe n'emirembe nga teginnabaawo. " Juuza amabanga agaali wansi.

Twayitbwā n'okuyitibwa \_\_\_\_\_, so  
 si nga \_\_\_\_\_. Wabula  
 \_\_\_\_\_ ne \_\_\_\_\_ Kwe  
 \_\_\_\_\_

Ekisa ge maanyi agatuweredwa katonda, era gano gemanyi okukola ekintu kyona kyatuyitide okukola, omuli okukulembeera famire yo.

Mukama wafe Yesu bwe yafa ku musalaba, ky'abika buli kintu kyewandikoze oba kyewandifuuse, omuli ebirungi, ebibi, ebifanana obubi. 2 Abakkoliso 5:17 egamba, " N'olw'ekyo omuntu yenna bw'aba mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga biwedde; laba, nga bifuuse biggya." Wanunulibwa, ekitonde ekipya mu ye. Tulina okusaba, okunoonya, okukkiriza n'okufuna byonna by'akoze, era byaffe.

Mu Abeefeso tuyiga nti Katonda yatulonda, n'atuyita gy'ali, era atulaba ng'abalongoofu era abatalina kibi bwe tusalawo okufuna obulokozi obuweebwa mu Kristo (Abaefeso 1:4-7). Okuyitibwa kwaffe kutukuvu, kwagendererwa kuleeta kitibwa eri Katonda (olunyiriri 6) n'okutuukiriza by'ayagala mu buli kitundu ky'obulamu bwaffe (Abeefeso 2:10). Okuyitibwa kuno tekyesigamiziddwa ku bikolwa ebirungi ova obusobozi (Abaefeso 2:8-9), kubanga twalina abazadde abalungi, tetukoze bibi "ebisingayo obubi", bagagga ova baavu, ova ensonga endala yonna ey'obuntu. Okuyitibwa ndowooza ya Katonda era kujja kutukirizibwa ku lw'amafuta Ge.

Mu kaseera k'okuzalibwa kwo, katonda yali yalabada obulamu bwo bwoona, n'olwekyo kiyinzika okugambibwa nti buli ekibeerawo kitekedwa okubawo, omuli n'obufumbo bwo n'okuzalibwa kwa abaana bo. Katonda ayagala fenna okusigala nga tweyongerayo, buli lunaku, nga tutunuulira obuvunanyizibwa bwafe mu ndowooza ey'oluberera, nga tujuukira nti atuyiise, natuusako amafuta, era agya tusobozesa okukola ebintu ebya manyi okusinzira kukwagala kwe (2 Peteero 1:1-4).

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Nyonyola kiki katonda kyasuubiza ne kyakoze. Olina kwanukula otya?

Naye nga bwekiri nti eyabayita mutukuvu, namwe mugyakubeera batukuvu muneyiisa yamwe. (1 Peteero 1:15)

---

---

---

Mu oyo naffe mwe twafuunira obusika bwe twyawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akoze byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe. (Abefeeso 1:11)

---

---

---

Era tumanyi nti eri abo abagaala katonda era abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna abibakolera wamu olw'obulungi. (Abaruumi 8:28)

---

---

---

## **Okiriza Nti Wayitibwa?**

Kubuuusabuusa ki, kutya ki, bulimba ki Setaani bw'akugambye obukulemesezza okukkiriza nti Katonda Omuyinza w'ebintu byonna akuyita okutuukiriza ebigendererwa bye? Katonda si mulimba. Bwe nnasooka okuyiga obuvunaanyizibwa bwange obw'obukulembeze, nnayiga

Ebyawandiikibwa era ne ntegeera Katonda kye yali ayagala nkolere mukyala wange n'abaana bange. Nagamba nti, "Katonda, ekyo siyinza kukikola." Nkuba akafananyi nga Katonda amwenya, nga alowooza nti, "bambi, Craig? Oli nga agamba nti si kumanyi? Nkimanyi tosobola kukikola wekka." Ku lw'ekisa kye nsobola okukola ekintu kyonna ekituufu mu bulamu. Naye sisobola kubeera mu mbeera eyo eya "Nze omunaku wabwe. Sirina kye nnyinza kukola." Ntekedwa okujjukira nti ndi mwana wa Katonda. Nayitibwa, ne nfukibwaako amafuta Katonda, okutambulira mu butuukirivu n'okutuukiriza by'ayagala mu buli kitundu ky'obulamu bwange. Awatali kusosola.

Bwe natandika okubeera omwami, n'oluvannyuma taata, tewaaliwo kirungi kyonna mu mubiri gwange, tewali kintu kyonna kye naleeta mu nkolagana ekyanfuula Katonda ky'ayagala. Naye nnali nkimanyi nti buli kimu kiri mu Kristo olw'okwagala kwe n'ekisa kye. Nalina okwetegereza ekigambo kye ne nzikiriza nti yampita, n'anfukako amafuta era n'ampa byonna bye nneetaaga. Tetubuuusabuusa. Tetusobola kutya.

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Laba Katonda ky'asuubiza okukukolera.

(katonda) naye agya kukakasa kunkomerero, nti tewandinenezebwu mu lunaku lwa yesu kristo mukama. (1 Abakkoliso 1:8)

---



---



---

Kubanga emikono gya babi girimenyeka, naye mukama anyweza abatukirivu. (Zabbuli 37:17)

---



---



---

"N'anjamba nti Ekisa kyange kikumala: kubanga amaanyi gange gatuukiririra mu bunafu. Kyennaavanga nneenyumiriza n'essanyu eringi olw'eby'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke gasiisire ku nze." (2 Abakkoliso 12:9)

---



---



---

Nga ntegeeredde ddala kino ng'oyo eyatandiika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa yesu kristo. (Abafiripi 1:6)

---

Okwekiririzamu kitegeza "okwekakasa, okumatiza omuntu owo munda". Kino kituufu nylo era kisuubizo ekyadaala okuva eri katonda. Agya kumaririza omulimu gwe mugwe. Katonda kyayagala okukola mufe, agya kikola mufe bwetukiriza ne tuteeka obwesigwa bwafe moye.

### **Tobuusa buusa.**

Tosobola kubeera musajja katonda gwa kuyiise okubeera omwani ne taata singa obusabusa ebisuubizo bye.

"Yesu n'addamu n'abagamba nti Mube n'okukkiriza mu Katonda. Mazima mbagamba nti Buli aligamba olusozi luno nti Sigulibwa; osuulibwe mu nnyanja; nga tabuusabuusa mu mutima gwe naye ng'akkiza nga kyayogera kikolebwa, alikiweebwa. Kyenva mbagamba nti Ebigambo byonna byonna bye musaba n'okwegayirira, mukkirize nga mubiweereddwa, era mulibifuna." (Makko 11:22-24)

Eno si nnoono ya kukulakulaana, "katonda, ndaba Mercedes. Ngitwala." Kitegeza okusabira mu kukiriza era okusaba katonda ekintu kyona kyasuubiza mu bigambo bye.

Akuyiise okubeera omutukuvu (1 Peteero 1:15) okulembera (Abefeeso 5:23) n'okwagala, okukwata obulungi n'okulabirira mukyala wo nga bw'ayagala ekanisa (Abefeeso 5:25,29). Akuyise okuuze abaana bo okusinzira ku bigambo bye (Abefeeso 6:4). Bwolaba enyiriri zino, mukabirire, "Ayi mukama, sisobola! Naye njagala. Nkisabira, nkikiririzamu, era nkusaba onkyuuse, njagala ebisuubizo byo, njagala kubeera mutukuvu, okubeera omwami era taata gwo yagala mbeere. Bambi nsomesa okwagala, okulabirira, n'okukulembera famire yange."

Katonda talidamu bwati, "wabula, simanyi. Oli muntu atategera, wakoze kino mu bukyamu na kiri, era sekaakasa oba njagala okuyamba," Ayagala mukyala wo na buli mwana okusingila daala nga gwe bwoyinza. Katonda alinze era yegayirila, "bambi, Saba, nsobile nange okuyiira emikisa gyolli."

Ayagala okwagala kwe n'ekisa kye bituuke ku b'amaka go okuyita mu gwe.

Katonda yali tanjagala, nze Craig caster, okusigala nga bwenali nga mpasiiza. Yali alaba buli bunafu bwnona, naye ekimu ku bigendererwa bya katonda eri Obufumbo kwe kukyuka kwafe mu kifananyi kya yesu kristo (Abaruumi 8:29). Bwenaremererwa, nalina okukiriza nti Katonda yali akyakola munze era yalina entegeeka z'obuwanguzi bwange. Mu kwesiga katonda, nina okwekiririzamu era okusaba katonda okunkyuusa era ampe obusobozi okuwangula. Katonda yampita n'anteekako amafuuta, nga ayogera, "kino kye kirabo kyo, Craig, era kuno kwe kwagala kwange". Nnali nsobola okusalawo ekiseera kyonna obutakkiriza kirabo ekyo era ne simwesiga.

Guno mutendeera ogweyongera yo. Bulijjo sikikola bulungi. Katonda yabazibwe nti ebimu kubisinga okusesa tubilina okwetolola munyumba yange, biva mukwogera kubantu ebye kisirusiru byenakola ne bimu kubikolwa ebya mutabani wange Nicholas.

## **Esomo 2: Kirizira Mu Bisuubizo Bya Katonda.**

Tuteekwa okukiriza. Abasajja, ekisumuluzo eri okubeera omukulembeze era omulabirizi owa waguulu owa famire yo kwe kukiriza ebisuubizo bya katonda, okuleka oyo gwe wali edda, amakubo go, n'okumunywererako n'ekigambo kye buli lunaku.

Awo yesu n'gamba abayigirizwa be, "omuntu bwayagala okujja ennyuma wange, yeefiirize yekka yeetikke omusaaba gwe, angoberere. (Matayo 16:24)

Okwegaana tekitegeeza mpisa zaffe enkadde n'endowooza zaffe. Kitegeeza n'okwegaana kye twali ebweru wa Kristo. Okunyonyola kwa *The Believer's Bible Commentary* egamba, "okwegaana sikwekuumu no Okwefiiriza, kitegeza okugonda eri okufuuga kwe kwona daala n'oba nga tolina bwananyini bwona." Kristo kati y'atulinako obwa nnannyini, era tulina okufaayo ku bigendererwa bye n'enteekateeka ze ez'obulamu bwaffe. Nassikattira okumala emyaka mingi nga nneeyongera okutunuulira ekyo kye nnali ebweru wa Kristo. Era bwe nnasomanga amazima g'omu byawandiikibwa nga "Toyinza kubeera tuyigirizwa wange okuggyako ng'okoze . . . oba "Omuyigirizwa akola . . . ." Nali siraba ngeri nnyiriri ezo bwe zikwata ku bulamu bwange. Nalowooza nti bwe baayogera ku bayigirizwa, baali boogera ku muntu mulala. Naye ennyiriri zino zaffe ffenna.

Abakyala, oluusi ensobi z'abaami bammwe ez'emabega ziyanza okukuleetera okubuuusabuusa Katonda ky'asuubiza okukola mu musajja wo n'okuyitira mu ye okufuuka omukulembeze oyo. Naye jjukira, kikwata ku kwesiga Katonda olw'ekyo ky'asobola okukola. Kitegeeza okusalawo okulwanirira omwami wo ng'oyita mu kusaba n'ebigambo ebizzaamu amaanyi. Bw'osaba ekisa kya Katonda okubeera bwotyo, ajja kukikola.

### **OKUSIMA EBUZIBA**

Nyonyola gwe ani mu kristo, kiki katonda kyakukoede, era okudamu kwo kulina kubeera ki.

Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biweddeewo; laba, nga bifuisse biggya. (2 Abakkoliso 5:17)

---

---

---

Ab'oluganda, sseerowooza nze nga mmaze okukwata: naye kimu kye nkola, nga nneerabira ebyo ebiri ennyuma era nga nkununkiriza ebyo ebiri mu maaso, Nduubirira okutuuka awawakanirwa awali empeera ey'okuyita kwa katonda okwa waggulu mu kristo yesu. (Abafiripi 3:13-14)

---

---

---

Abasajja, tukemebwa okugamba nti, "Kale, ekyo si kye ndi. Nze nsobeza okumala emyaka mingi. Nnagezaako." Naye Katonda agamba nti, "Ggya amaaso go ku ky'oli, ogateeke ku ky'osobola okuba mu Kristo." Baibuli ekuyita ekitonde ekija, eyayitibwa era n'afukibwako amafuta okukulembera n'okulabirira amaka go. Bw'otandika okukkiriza ekyo n'okwagala okukyusa, obulamu bwo tebjija kuba kye kimu. Katonda waffe, eyatulonda mu Yesu Kristo, asobola okukola byonna eraasuubiza okutuwa byonna bye twetaaga okutuukiriza omulimu oguli mu maaso gaffe. Katonda ajja kutuwa obusobozi okutuukiriza buli kiragiro ky'atuwadde ng'abasajja, ng'abalabirizi ba bakyala baffe n'abaana baffe. Ffe ffekka abasobola okulemesa ekyo okubaawo.

Yeebazibwe Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, eyatuweera mu Kristo buli mukisa gwonna ogw'Omwoyo oguva mu bifo eby'omu ggulu; 4Kubanga yatulondera mu ye ng'ensi tennaba kutondebwba, ffe okubeera abatukuvu era abatalina kyakunnenyezebwa. (Abefeeso 1:3–4)

Tulina okujjukira nti obutukuvu bwaffe bwonna n'emikisa gyaffe bibeera mu Yesu Kristo. Okubeera abakulembeze abatya Katonda kitegeeza nti twagala okufuuka nga Yesu, okuyita mu maanyi g'Omwoyo we Omutukuvu ali mu ffe (Abaefeso 1:13, 19).

Abasajja abajja mu kuwaburwa balina endowooza eza buli ngeri. Omusajja omu, yanjjambaa nti, "Kale, nnyonoona. Buli muntu ayonoona." Yatandika okunnyumiza emboozie ye ne mmubuuza nti, "Ogambye mukyala wo nti akusonyiwe?" Yaddamu nti, "Nedda naye ayonona." Oyo mukulembeze wa ngeri ki?

Kale oba nga mulya, oba nga munywa, oba nga mukola ekigambo kyonna kyonna, mukolenga byonna olw'ekitiibwa kya Katonda (1 Abakkolins 10:31)

Omutindo gwokka ogw'enneyisa yaffe kwe kugulumiza Katonda mu maka gaffe—mu maaso ga bakyala baffe n'abaana baffe. Tulina okukyagala. Tulina okufuba okukikola. Teri kwekwasa. Buli lunaku osalawo, obweyamo n'okwewayo.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

Okugulumiza—Okufumiitiriza,  
okuwa ekitiibwa, okutendereza,  
okuwa ekitiibwa oba Okumuteeka  
mu kifo eky'ekitiibwa.

Oyinza okusaba bwoti:

Katonda, njagala enneyisa yange, erabika n'etalabika, ekugulumize. Era bwe kitaba bwe kityo, nsaba Omwoyo Wo Omutukuvu anumirize. Naddala bwe nsobya mu maaso g'abantu abasinga obukulu mu bulamu bwange, mukyala wange n'abaana bange. Ai Katonda, nsaba, obwetoowaze okugenda gyebali okusaba okusonyiyibwa. Nnyamba okukugulumiza. Amiina.

Katonda tanjiwangako. Era mbera n'okusikagana okuwanvu naye bwanjj'amba okukola ku bintu.

Ajja kukuwuliriza. Ajja kuba mugumiikiriza. Era tawuumulaa singa omuwa obudde okwogera naawe. Weekulukuunyize mu kifuba kye mu kiseera kyo eky'okwewaayo mu kusaba, era ajja kukuwa ekisa n'amaanyi okugoberera Ekigambo kye.

kubanga mwagulibwa na muwendo, kale mugulumizenga Katonda mu mibiri gwammwe. (1 Abakkolinso 6:20)

---

---

---

## Okwegezesamu 1

Saaba mukama okugezesza omutima gwo, musaabe okulaage wa wobusiza busiza ebisuubizo bye. Yatuula obutakiriza bwo-beera mulambulukufu. Musaabe okukiriza okwamanyi okukiriza n'okutandiika okwesiiga ebisuubizo bye mu bitundu bino.

Wandiika esaala yo wano

---

---

---

---

---

---

## Okukikirira Katonda

Mukyla wo n'abaana bo bwe bakulaba, balaba omuntu alaaga embeera n'empisa eza mukama? Era, ekyo kyekigendererwa kyafe, era tetusobola kukola byekwaso olwo okuremererwa. Kitwale eri mukama.

Okubeera omukulembeze ow'obwa Katonda, olina okubeera omugoberezi wa katonda era nga ofaayo okumugulumiza. Teera okwegezesza. Obulamu bwange bulaga katonda? Naye manyi ekyo bwe kifanana?

Abasajja abakristayo abasinga tebalaga mbeera ya kufaayo eri okubeera nga kristo oba okukiriza nti Obufumbo kitundu kya mutendeera gwa kwetukuza. Omusaajja omu omuto yangamba, "fenna twayonoona. Nsobola okutukirira?" yali asagira mu kibi kye n'obutawa mukazi we kitibwa. Bwetuba tulina embeera ezo, tuba tetwanukude okuyitibwa kwa katonda.

Bwoba wali ogamba nti, "siri muntu mubi, sittanga kumuntu yenna, nava kussigala, sinywa nylo, era sirekana nga nywede. Omanyi ndi mulenzi mulungi," awo no oli mukubo lya nnaku.

Toli zuula esanyu erya ddaala n'okumattizibwa mu maaka go, newakubade omukyala n'abaana bo.

## **Okwegezamu.**

Omwami, saaba katonda akulage ebitundu mwotamugulumiza mu famire. Biwandiike wano era osaabe okusonyibwa okuva eri katonda ku buli kimu. Oluvanyuma osaabe okusonyibwa okuva eri abo abafamire yo.

Omukyala, wegayirira otya musaala yo kulwo omwami wo? Wandiika report yo eyokusinza oba okwatuula okwesiga katonda n'okugonda okubeera Omuyambi oyo katonda gwa kusaaba obeere.

---



---



---



---



---



---

## **Tewali kwekwasa.**

Nafuna eky'emisaana n'omuvubuka gwe nali nawabura emyaka kumi neena emabega ne nkizuula teyagoberera bye namugamba okukola. Yali asaaba obuyambi bwange, ku butya bwayinza okutereeza ebyononese, obuluma obutalimu kusanyuka. Namubuuza, "oyagala nsiikye omugo gwange ogw'obufuuusa nguulu wo? Tewakola kintu n'akimu ku bye nakugamba, era buli kaseera walina ekyokwekwasa. Ndowoza kati onyimirwa okubeera mu malala go n'okwonona?

Yayawukana ne mukyala we nga alina abaana babiri beyali amaze emyezi kumi na munaana nga tabalaba. Omuvubuka ono yalina buli nsonga Iwaki yali tayinza kukola katonda kye yamugamba okukola. Waliwo okwekwasa kwona okukirizibwa eri obutafayo eri okuyitibwa n'okusigibwa amafuta kwa katonda? Tewali bya kwekwasa. Gwe weka asobola okulondawo okugaana okuyitibwa kwa katonda. Ekigoberera kabenne n'obulumi mu kifo kye emikisa n'essanyu.

Ffenna tuyinza okusalawo okugamba nti, "Kino saagala kukikola. Sikkiriza nti kino kijja kukola. Kyetaagisa okufuba okw'amaanyi." Katonda bwe yasooka okunkubiriza okugenda mu buweereza obw'ekiseera kyonna, ne nkizuula nti kyali kitegeeza kwogera mu maaso g'abantu, nagamba nti, "Nedda, Katonda sijja kukikola ekyo. Sijja kusomesa era sijja kuyimirira mu maaso g'abantu era ddala sijja kusoma mu maaso g'abantu. Naye nja kukukolera ekirala kyonna."

Yasigala ansindikiriza nga asindikiriza. Teyawanika, era bwenamaririza nga nzikiriza, negamba, "kale nzikirizira daala daala nti ompita okukikola". Katonda yatandika okundaga biki byayinza okukola. Oluvanyuma nava mukubo ne nsalawo okukirizira mu kuyitibwa kwe n'amafuuta ge mu buwereeza. Naye tekyajja paka nga newadeyo eri obwereeza bwe obwasooka gyendi, okubeera omukulembeze wa katonda eri mukyala wange n'abaana. Nali newadeyo eri okwagala kwa katonda ne nzikiriza nti ebisuubizo bye byonna webiri gyendi.

## **Esomo 3: Okwesiga Mukama Buli Lunaku.**

Abaami n'abakyala betaaga okwesiga katonda n'okuyitibwa kwabwe n'okulondebwa okuli kubulamu bwabwe mu bitundu byona. Ebisuubizo bye bituwa ekisa okutambulira mu mazima ge n'okutuwa byona bye twetaaga. Omulimu gwaffe kwe kuyiga engeri ey'okutukiriza ekyo, okwagala okumugondera, n'okubeera mu ye buli lunaku.

### **Kiriza Ebisuubizo bya Katonda**

Twetaaga okujjukira nti emikisa gyा katonda gyona giva mu kukiriza kwafe mu yesu kristo. Okwagala kwa kitaffe okusooka kwekuba nga tufuuka abakyusidwa enyo enyo mu kifananyi ky'omwana we.

### **Katondaasuubiza bwati:**

Ebyatuweesa ebisuubizibwa eby'omuwendo omungi ebinene ennyo; olw'ebyo mulyoke mugabanire awamu obuzaaliranwa bwa Katonda, bwe mwawona okuva mu kuzikirira okuli mu nsi olw'okwegomba. (2 Peteero 1:4)

### **Saaba Katonda Mukukiriza:**

Naye oba ng'omuntu yenna ku mmwe aweebuuka mu magezi asabenga katonda atamma awa bona so takayuka, era galimuweebwa. Naye asabenga mu kukkiriza, nga taliiko ky'abuusabuusa kubanga abuusabuusa afaanana ng'ejjengo ery'ennyanja eritwalibwa empewo ne lisuukundibwa. Kubanga omuntu oyo talowoozanga ng'aliweebwa ekintu kyonna eri mukama waffe. Muntu wa ndowooza eze emirundi ebiri, atatereede mu makubo ge gona. (Yakobo 1:5-8)

### **Laba okukyukakyuka**

Kubanga be yamanya edda, era yabaawula dda okufaananyizibwa n'engeri y'omwana we, abeerenga omubereberye mu b'oluganda abangi. (Abaruumi 8:29)

### **Beera nga Yesu.**

Yayaana okubeera omu naye, kisabire, era kikume nga ekikulu. Guno gwe musingi ebirala byona kwebizimbibwa. Londawo okugwa mu maaso ga katonda buli lunaku, beera mu kigambo kye, era omale ebiseera ebimu naye ngoli wekka. Mu embeera ey'okusaba, gamba nti oyagala kubeera nga ye, era saaba amaanyi ne okulungamizibwa okukola okwagala kwe. Katonda bulijo agya kudamu eyo esaala.

### **Okwekebera**

Esaawa zo ez'okwewaayo buli lunaku zibade tezikyuka? Omala obuude mu saala kululwo era osaaba ne famire yo? Bwoba obade olemererwa mu kitundu kino, wandiika esaala wansi nga osaaba katonda akusonyiwe n'ekisa ekitandika. nate sigala kwekyo.

### Katonda Agabirira.

Juuksira nti Katonda ajja kugabirira amaanyi gona ge wetaaga n'obwetowaze okusaba okusonyibwa nga olemeredwa. Tewekwasa, okubikako, yade okutya okuremerera kwo. Yesu yabibika kumusalaba. Twetaaga okubeera nga twagala okusaba okusonyibwa. Kye kisumuruzo eri okukyuka kwafe. Omwoyo wa katonda omutukuvu atulumiriza bwetwonoona (yokana 16:8-9). Buvunanyizibwa bbwafe okwatula ekibi (1 yokana 1:9), okwenenya oba okukyuka kuluuyi olulala eri obutuukirivu (ebikolwa bya batuum 17:30, ne tusaaba okusonyibwa kwe (Abefeeso 1:7) okusobola okuda mu kusinza okujjude n'okukyusibwa. Kaakasa nga osaaba okusonyibwa eri omuntu oyo eyalumizibwa kulwe empisa zo.

Kale, bw'obanga oleese ssaddaaka yo ku kyoto, bw'oyima eyo n'omala ojjukira nga muganda wo akuliko ekigambo, leka awo ssaddaaka yo mu maaso g'ekyoto, oddeyo, osooke omale okutagabana ne muganda wo, olyoke okomewo oweeyo ssaddaaka yo. (Matayo 5:23-24)

Bwoba wetaaga okunonya okusonyibwa, oba wetaaga obuyambi okusonyiwa omuntu omu, laba **Ekyongerezedwako P:** obwesigwa n'okusonyiwa bigya kuyamba okutegera n'okuteka munkola okusonyiwa mu bufumbo.

### Ekitundu Eky'omukyala

Abakyala, mmayi mwamanyiira okuremererwa kwa baami bamwe, era nga yesonga yenyini gwe okubeera n'okukiriza, okukiriza biki katonda byasobola okubakolera mwembi. Okuzamu amaanyi omwami n'okumuyamba okuwangula mu bukulembeze obwa katonda mu maaka go kyetagisa oteke mu nkola okumutunira oluberera n'endowoza ya katonda. Ngezezaako okufumitiriza kitya bwekyali ekikalubo eri mukyala wange akuntunuulira, nga akiriza nti nsobola okyuka oluvanyuma Iw'ookubanga yali amanyi nga bwenali okumala emyaka mingi. Gubade mutendera ogw'okukkiriza buli kiseera, omuli n'okulemererwa mu kkubo, nga Katonda bw'anfudde omukulembeze, omusumba era kabona mu maka gange. Naye mukyala wange yasalawo okukkiriza, okutendereza Katonda, n'alekera awo okuntunuulira olw'ekyo kye nnali n'agamba nti, "Kale Katonda, kino ky'ogamba nti asobola okuba. Nneesiga ggwe bwe mpulira nga sisobola kumwesiga." Weetegereze ekigambo okuwulira n'okitegeera nti enneewulira esobola okukyuka era ejja kukyuka. Naye amazima ga Katonda tegakyuka.

Abakyala, wali weesiga Katonda? Ajja kukuwa okukkiriza okwesiga n'ekisa mu ngeri ey'okwagala, ey'obuwombeefu, era mu ngeri ekakasa nti oyamba omwami wo kubanga mwembi mukyusibwa mu kifaananyi kya Kristo.

Wandiika esaala yo wansi nga osaaba obuyambi bwa katonda.

---



---



---



---



---



---

### **Katonda yabadewo da awoo.**

Katonda tetumwewunyisangako kubanga mulamu lubeerera - wabweru wobude, Alaba obulamu bwafe nga obujuude, n'olwekyo amanyi kiki ekigenda okubeera wo.

Kubanga ffe tuli mulimu gwe, abaatonderwa mu Kristo Yesu olw'ebikolwa ebirungi, Katonda bye, yasooka okuteekateeka ffe okubitambulirangamu. (Abefeeso 2:10)

Amazima ga mirundi ebiri mu lunyiriri luno gatureteera okubudabudibwa. Ekisooka, tuli mulimu gwe. Oli lugero lwa katonda, okufuuka kitundu kye ekikulu, omuli Obufumbo bwo ne famire.

Ekyo okubiri, Ekisa kye kitusobozesa okukola okwagala kwe. Twatondebwa mu kristo yesu ku lw'obulungi bwe mirimu. Osobola okusinza katonda nti newankubade mbeera ki gyo sisinkana leero oba enkyo n'omwagala wo n'abaana, katonda ye yabadeyo daa era nakutegeka okukola emirimu emilungi. N'olwekyo olina okulondawo okumutunulira n'okutambulira mu kubo ly'akutekede.

Abasajja, abaami, ne bataata, Katonda ayagala mumanye nti yabayita nabategeka okukulembera, si mumanyi gamwe, naye mumanyi ge n'obuyinza bwe. Katonda yatonda famire era n'akola entegeeka ze bulungi kubuya bwa gikwasaganya, ng'ateeka bakyala baffe n'abaana wansi wo obuyinza n'obukuumi bwaffe. Kino kyandibeera ekirowoozo ekipya, nga bwe kitasomesedwa oba ekitamanyidwa mu bantu leero.

Kyandi beera ekizibu eri mukyala wo okukyuusamu, naye togwamu maanyi. Sigala nga ononya Okulungamizibwa kwa Katonda. Beera muwombeefu, era onawebwa omukisa.

### **Obuyinza Mu Maka Kye Kigendererwa Kya Katonda.**

Ng'ekitongole bwe kifugibwa omukulembeze agoberera obulombolombo n'engeri y'okuddukanyaamu ekitogole, n'amaka bwe gakola. Naye waliwo enjawulo ey'amaanyi: ekyokulabirako kyaffe eky'amaka kiva eri Katonda, so si pulaani y'ensi ey'okutuuka ku buwanguzi. Tetujja kukulaakulana singa tukozesa obulombolombo, empisa z'obuwangwa,

### **FAYILO YAMAZIMA**

*Okubeera Omulimu* – olugero, ekigambo kyafe ekyoluzungu kiva *mupolema* (Luyonaani), ekitegeza okukola ekintu ekimu, omulimu, omulimu ogu koledwa, okubeera omulimu, omulimu omukulu.

enzikiriza z'amawanga, amagezi g'ensi oba ekintu kyonna ekitali mu Kigambo era ekiri ebweru w'okwagala kwa Katonda.

"Mukama katonda n'ayogera nti si kirungi omuntu okubeeranga yekka n'amukolera omubeezi amusaanira ". (Olubereberye 2:18)

### FAYILO YAMAZIMA.

*Omuyambi* – oyo ajja  
okuyambako, so takulembera,  
naye ayambako.

Amaka mangi gali mu buzibu kubanga omukyala yakuzibwa

Mu ngeri emu, omusajja mundala, n'omukyala awereeddwa obukulembeze mu bintu bingi eby'obulamu bw'awaka. Kino kirabika nga kya butonde kubanga y'asinga okukuza abaana n'okukuuma emirimu gy'awaka. Kya bulijjo omusajja okudda awaka n'akola ng'omuyambi wa mukyala we. Newankubade enkola eno ekuze mu bantu baffe, si kubo lya katonda.

## OKUSIMA EBUZIBA

Nyonyola omutendera katonda gwasimbye eri famire.

Naye njagala mmwe okumanya ng'omutwe gwa buli musajja ye Kristo, n'omutwe gw'omukazi ye musajja n'omutwe gwa kristo ye katonda. (1 Abakkoliso 11:3)

---

Abakazi, muwulirenga babbammwe, nga bwe kiri ekirungi mu Mukama waffe.

Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, so temubakwatirwanga bukambwe. Abaana abato, muwulirenga bakadde bammwe mu byonna, kubanga ekyo kye kisiimbwa mu Mukama waffe.

Bakitaabwe, temunyiizanga baana bammwe, balemenga okuddirira omwoyo. (Abakkolisayi 3:18-21)

---

---

Katonda yassaawo enkola y'obuyinza, engeri y'okuddukanyaamu. Enkola eno elambuludwa bulungi mu Bayibuli: Katonda, omusajja, omukazi, n'abaana. Abasajja, bwoba nga owaddeyo oba nga olese obuvunaanyizibwa bwo eri mukazi wo mu kitundu kyonna, kino Katonda si ky'ayagala. Abakyala abamu baakilwanirira era ne bawangula, naye gwe obeera ofiridwa obuvunanyizibwa Katonda bwe yakuwa. Ekyo kwe kuwaayo obuvunaanyizibwa eri omuntu Katonda gw'atawa busobozi okubudukanya, era eno y'ensonga Iwaki obufumbo bungi bubonaabona era y'ensonga Iwaki abafumbo tebabala bibala bya Katonda mu bufumbo bwabwe. Kino okusobola okukitwala ku mutindo ogusinga okwewuunyisa, Katonda agamba nti omusajja yeetaaga okukulembera mu bitundu byonna eby'awaka, so si ebimu byokka (1 Timoseewo 3:4-5). Okwo kwe kwagala kwa Katonda mu buteerevu eri amaka.

## Amaanyi ga Buli Omu

Abagalana nga tebannafumbiriganwa baali bateekateeka okukozesa enkola eya "amaanyi g'omusajja, n'amaanyi g'omukazi" mu bufumbo. Baakola ebigezo era ebyavaamu byali byenkanankana ku buvunaanyizibwa bwebagabana. Oluvannyuma eby'enfuna byalinya wagulu okutuuka ku bitundu 80 ku buli 100 eri omukyala ng'omukulembeze. Ne mbuuza nti, "Ebyo wabijja wa? Oli mulungi mu kukola embalirira n'okubala, tosasanya nyo, oli mulungi mukwekanya ekitabo eky'ensasanya, naye kino kitegeza kubeera na 80 ku buli kikumi mukusalawo mu byensimbi? Baibuli ki ky'egamba? Bayibuli egamba nti omusajja alina okukulembera mu buli kitundu." Sirina kigendererwa ku bakazi, kubanga abasajja bangi bandibadde baagala bakyala baabwe balabirire obuvunaanyizibwa bwabwe.

Omukyala bw'aba ng'alina ebirabo n'ebitone eby'okutereza ebitabo by'efuna awamu n'ensasanya n'okusasula evisale eby'enjawulo era nga muntu amanyi okwetegeeka obulungi mu bintu eby'ekika ekkyo, yandibadde akola ekkyo? Mukama Yebazibwe, wewwawo, yandibadde akikola. Naddala ng'omwami si mulungi mu kyo. Ye muyambi wo. Okwo tekuba kumulekulira buvanyizibwa bwona gyali singa byonna bye musalawo bikolebwa wamu nga mukkirizza. Ekigendererwa kyaffe kwe kutuukiriza Katonda by'ayagala n'ekigendererwa kye n'okumugulumiza, era bw'oba okola ebintu mu kyalawo by'alinako obukugu obukusingako, olwo bimukwase era obeere omulabirizi. Naye tovaayo n'osuula obuvunaanyizibwa bwonna n'okweraliikirira kw'okubalirira gy'ali, olwo ne weemulugunya olw'obutamanya ssente zonna gye zigenda oba Iwaki ekimu ekyekkumi tekiweerezebw.

Omwami n'omukyala balina okuba ne bajeti etegeerekka obulungi nga bakkiriziganyizza wamu ku ssente ze basaasaanya. Beetaaga okuteekawo enkola y'engeri ssente zino gye zigenda okusasulwamu buli mwezi n'ani anasasula ssente ezo. Omukyala bw'aba ng'alina obukugu era nga ng'alina entegeeka ennungi, olwo asobola okukikola. Naye omusajja alina okwenyigira n'okumanya enyingiza ya ssente zonna, ensasaasaanya n'enkyukakyuka zonna ezilowoozebwako nga tewanabawo nkyukakyuka yonna mu nteekateeka y'ebvensimbi mu maka.

## Etegeeka y'Ebikolwa 1

Bw'oba toli muyigirizwa ku by'ensimbi okuva mu ndowooza y'Ekikristaayo, weeyame okugenda ku yintaneeti oba okutuukirira ekkansa yo olabe oba bakozesa Crown Financial Ministries oba ebintu bya Dave Ramsey. Byombi bisobola okuyigirizibwa mu kibinja ekitono, oba osobola okubakyalira ku intaneeti okumanya ebisingawo.

## Engeri entuufu Ey'okukulembera

Omwami oba taata wa kukulembera nga katonda bwalagira, si nga nakyemarira n'omukono ogw'amaanyi, naye nga omureeza ayagala, owa mukama.

Omuvwereza wa mukama talina kuyomba naye alina kubeera muwombeefu eri bona, asobola okusomesa, mugumikiriza, mu kwetowaaza okutereeza abo

abawakanya, mpozzi nga katonda alibawa okusonyibwa, basobole okumanya amazima. (2 Timoteewo 2:24-25)

Ennono zino enya ez'obukulembeze ziva butereevu mu Kigambo kya Katonda era z'ezikulembera mu by'ayagala. Omwami akola bulungi ng'akulembera era ng'atereeza mu ngeri eno.

### **1. Beera Omuweereza.**

Ng'omusajja wa Katonda, omuweereza wa Mukama yeewaddeyo okukola okwagala kwa Katonda. Bayibuli egamba nti, okubeera omukulembeze, olina okusooka okuba omuweereza. Kino tekitegeesa kubuuza mukyala wo oba abaana bye baagala okole okubaweereza. Bataata abamu bafuuse bebeyunira oba be batuma okukola mukazi waabwe oba n'abaana baabwe bye by'abagala, ekintu ekitali kituufu.

Obuvunaanyizibwa bugabanyizibwa naye si buyinza. Abasajja, twewaayo eri Katonda okutulabirira n'okumanya mu bintu byonna. Naye n'okugaba obuvunanyizibwa nkola ya bwa Katonda. Yesu y'ajja kukola Kitaawe by'ayagala. Kitaawe yagabira Omwana omulimu, era naye atugabira obuvunanyizibwa. N'affe tusobola okugabira ab'omu makka gaffe obuvunanyizibwa

### **2. Beera Mukkakkamu**

Omuweereza alina okuba omukkakkamu eri bona. Katonda tayagala mwoyo gwa kufugiriza gubeere mu nkola yaffe ey'obukulembeze.

Ng'oweereza Katonda ojja kukola ensobi, oluusi mu bugenderevu ate oluusi olw'obutamanya. Bw'onoolabirira ab'omu maka go, bwe banaayiga okukkiriza obukulembeze bwo obw'obukkakkamu era obw'amagezi, wajja kubaawo obujeemu n'ensobi.

#### **FAYILO Y'AMAZIMA**

*Obukkakkamu* – okufanagana, okwenkana nkana, obwenkanya okugumikiriza, sikuremerako ku nnukuta y'amateeka, kiraga nti omuntu afaayo ku bantu era ng'afaayo ku amazima n'ensonga z'omusango.<sup>3</sup>

Jjukira nti oli mubaka wa Katonda gye bali, gwe balabiramu Katonda. Katonda mugumiikiriza era asonyiwa bwe twetoowaza mu maaso ge. Okwagala okwo kugaziwa eri abo be yateeka mu kulabirira kwo, mukyala wo n'abaana bo. Okulabirira, okuwa obulagirizi, n'okukolera ku magezi ga Katonda buvunaanyizibwa bwo, naye era ekyo kizingiramu okusonyiwa n'okusaasira ab'omu maka go bwe balemererwa okugoberera ekyokulabirako kyo.

Oyinza okuba ng'olina omukyala ow'amutima omukalubo ng'afuba era olaba ng'ebintu bino tebimusanyusa. Oyinza okuba ng'otya okukubaganya ebirowoozo naye, ng'ogyeko okukulembera mu bintu ebimu. Kino kya bulijo. Abakyala abamu balina amatwale g'aabwe era tebajja kuwanika. Babuuza omwami waabwe nti, "Otegeeza ki okukulembera? Tomanyi na gy'ogenda. Laba ebintu ebibi byonna by'okoze . . . era nja kukuleka onkulembere? Kyerabire!".

Abasajja abamu ekyo bakiwuliriza ne bakkiriza era ne bataba na buvumu bwa kusitukiramu ne bagamba nti, "Nedda, kino tugenda kukikyusa, kyona kye kyetaagisa. Tugenda kufuba, era

tugenda kukyusa. Nzikiriza nti Katonda yampita n'anfukako amafuta era ayagala ndekere awo okutunuulira ensobi ze nnakola emabega ntandike okumutunuulira n'okukkiriza ebisuubizo." Londawo okukkiriza Katonda mu mbeera enzibu era omugoberere.

Obukakamu kibala kya Mwoyo, ekiva mu nkolagana yo ne Katonda.

Naye ekibala ekyo mwoyo kwagala, kusanyuka, mirembe, okubonabona okuwanvu, obukakamu, obulungi, obwesigwa, obuwombeefu, okwefuuga, eri bino teri mateeka. (Abaggalatiya 5:22-23)

## ***Entegeeka yebikolwa 2***

Omwami, bwekiba nga okugenda mu maaso n'obukulembeze mu maka go kiba kizibu, wandiika essaala essaba okufuna amaanyi ne Katonda okuggula omutima gwa mukazi wo.

Omukyala, bw'oba olina obuzibu okufuna amazima gano okuva mu Kigambo kya Katonda, wandiika essaala ng'osaba Katonda akuyambe mu butakkiriza bwo n'ekisa kye okuyamba omwami wo okufuuka omukulembeze atya Katonda.

---



---



---



---



---

### **3. Beera Mwetoowaze**

Omeweereza wa Katonda ayisa abalala mu ngeri ey'obwetoowaze. Kino kitegeeza okussa ekitiibwa mu balala nga bakulu okusinga ffe, nga tetweraba ng'abasinga obulungi oba abakulu naye nga abenkanankana mu maaso ga Katonda. Katonda ye yatuyita n'atufukako amafuta. Atuwa endagiriro zona n'amaanyi okusobola okutuuka ku buwanguzi.

Tolekanga kintu kyonna, olwo okuyomba newankubade olw'ekitibwa ekitalimu wabula mu buwombeefu buli muntu agulumizenga mune okusinga bwe yegulumiza yekka. (Abafiripi 2:3).

Singa natuukirira mukyala wange ne mmugamba nti, "Kale nze mukama wo okusinziira ku Katonda, era ekiseera kituuse kubanga nze nsinga amagezi wano, oyo bulijjo amaanyi byona buli kiseera," yandibadde ayagala okungondera? Ebyo eneyiisa yaffe byelaga biyinza okuba kumpi n'ekyo n'okusinga bwe tulowooza. Nali musajja eyeefaako yekka, omuyaye atasaanira Katonda bwe yampita n'ansonyiwa. Oluvannyuma nnakitegeera nti yali ayagala nkulembere, ne mukyala wange okugondera, naye obukulembeze bwange bwali buva ku mutima ogw'obuwombeefu n'obwetoowaze. Okwo kwe ku kikola Mu ngeri ye, okulaga ekisa

n'obugumiikiriza eri bakyala baffe ne bwe baba nga basambye enteekateeka oba ng'abaana baffe batusoomoozeza.

#### **4. Leeta okutereeza**

Omukulembeze agambibwa okutereeza abali wansi w'obuyinza bwe. Naye tuteekwa okutegeera ekigambo kino okutereeza kye kitegeeza. Ekisooka, kitegeeza okutangaza obulungi Ekigambo n'ebyo Katonda by'ayagala mu mbeera yonna, ng'olina enteekateeka ey'okugoberera ey'obwa Katonda. Eky'okubiri, kitegeeza okussa mu nkola enteekateeka eyo ng'oyimirira, okufuba, obutalekulira, obutadda mabega, n'obutaleka buvunaanyizibwa bwo. Katonda bw'ayogera naawe ng'ayitira mu Kigambo kye, togamba nti, "Ebyo ddala bya maanyi nnyo, oboolyawo tusaanidde okukozesa ekimu oba bibiri ku nnono ezo." Nkwegayiridde, kkiriza era osabire byonna, era weeyame okukola Katonda by'alagira.

Bayibuli egamba nti ebintu byonna bisoboka eri Katonda (Makko 9:23; 10:27). Yesu kye kyakulabirako ky'engeri y'okukulemberamu mu maka gaffe, era Ekigambo kye kituyigiriza engeri y'okukikolamu nga waliwo okugezesebwa n'okuyigganyizibwa. Omukulembeze talina kubeerawo bu beezi nga talinaako ky'akolawo. Tetulina kulekulira buvunaanyizibwa bwaffe oba obuyinza bwaffe. Jjukira nti abakyala be batuyamba, era tuba basirusiru obutakozesa bilowoozo bywabwe oba okubagabira obuvunanyizibwa okusinzira ku ebitone byabwe n'obusobozi bwabwe. Omukyala y'asinga okuddukanya amaka era ng'omukyala, ebiseera ebisinga amala ebiseera bingi ng'alabirira abaana, naye kino kiyinza okuba okukolera awamu n'omwami ng'omulabirizi n'okubeera n'ekigambo eky'enkomerede mu kusalawo okusembayo. Eno y'enkola ya Katonda ey'okuddukanya amaka.

#### ***Entegeeka y'Ebikolwa 3***

Omwami, bw'oba olina ky'otya oba okusikattira ku buvunaanyizibwa buno Katonda bw'akuwa, wandiika essaala yo wansi. Saba Katonda akuwe amagezi n'ekisa ogende mu maaso, weesige akusobozese okussa mu nkola ennono zino mu maka go. Saba obugumiikiriza era n'obunyiikivu okukola ku kuyigganyizibwa kwonna okuva eri mukyala wo oba abaana bo.

Omukyala, kino bw'oba obadde omaze okukisabira, tendereza Mukama era osabe amaanyi okizzaamu omwami wo amaanyi n'okumukakasa. Wandiika essaala yo wansi. Bw'oba olina okuya n'okusikattira, byatulee era osabe Katonda ekisa okukkiriza nti eno y'enteekateeka ye eri amaka gammwe, ne bwe kiba nga tekiwulikika kuba kilungi.

---

---

---

---

---

## Esomo 4: Amaanyi Ga Taata.

Okunoonyereza kulaga enfunda n'enfunda nti bataata balina amaanyi agatali ga bulijo agasinga amaanyi ga maama. N'omufiroosofo sigmund Freud, omuwandiisi w'ebitabo ku nsonga z'amaka, yagamba nti bataata balina amaanyi agatali ga bulijo agasobola okuyamba omwana okutambula obulungi. Ng'Abakrisitaayo tukimanyi nti kino bukakafu obulaga enteekateeka ya Katonda, enteekateeka eteeka abasajja mu kifo ky'obukulembeze mu maka. Abafumbo abagoberera enteekateeka eno era nga beetegefu okufuna n'okussa mu nkola okwagala kwa katonda baleteera Katonda ekitiibwa era ne bakakasibwa omukisa gwe mu bulamu bwabwe.

Okunoonyereza okuva mu 2000 kwagamba nti maama bw'asooka okukkiriza Kristo mu maka, wabaawo emikisa 17 ku buli 100 nti ab'omu maka bona bajja kumanya Kristo. Naye taata bw'aba asoose okukkiriza Yesu Kristo, waliwo emikisa 93 ku buli 100 nti amaka gonna gayinza okumanya Mukama waffe. Ekyo kye kimu ku bintu ebingi ebiraga nti bataata balina obuyinza ku baana baabwe.

Yee, omusajja Katonda y'amutonda okukulembera, naye omukazi yatondebwa okubeera omubeezi we, ekintu ekikulu ennyo mu kutuukirizibwa kw'omusajja n'okubeera n'ebikozesebwa okusobola okutuukiriza omulimu ogwo. Omukyala si wa mugaso nyo? Si bwe kiri, ebyaddala. Abasajja twetaaga ebirowoozo n'obuyambi bwa bakyala baffe. Ng'abakyala batutukiriza n'amagezi, okumanya, okutegeera, endowooza, n'ebirabo okuva eri Katonda bye tutalina. Omukyala alabirira n'okukuza abaana agoberera enteekateeka eyateekebwavo abazadde bombi. Ateekwa okuba nga ategeera bulungi nti ali wansi w'obukuumi bwa taata era ng'amukiikira ng'ateeka mu nkola amateeka n'okukangavvula. Mu ngeri eno, omukyala ali wansi w'obukuumi bw'obukulembeze Katonda bwe yamuwa. Mu maka maama mw'akulembera mu kukuza abaana, olw'ensonga yonna, oluvannyuma ajja kuwlira ng'aweddemu amaanyi, ng'asobedwa era ng'atatuukirizibwa. Taata bw'aba si y'akulembera, ekizibu kwe kukusaamu. Ate abasajja, mwe mwekka abasobola okutwala obukulembeze. Kino okikkiriza?

Abaami n'abakyala nga bwe mugenda mu maaso n'okussa mu nkola enkola eno ey'okuddukanya amaka, bulijo wajja kubaawo okuziyiza. Ng'ekyokulabirako, mu maka gange twakirambika bulungi nti abaana bwe batabula mukyala wange, babeera nze gwe batabula. Engeri emu gye nnakuumangamu mukyala wange n'okumuwigira kwe kugamba abaana nti, "Londa n'amagezi. Bw'oba oyagala okukangavvula emirundi ebiri, tofaayo ku maama wo by'akugamba olinde okutuusa lwe ntuuka awaka. Jjukira nti bwe sibeera wano maama y'akulembera. Nze pulezidenti; Ye mu myuka."

Bw'oba olina abaana nkukubiriza nnyo okumaliriza ebitabo byaffe ebikwata ku kukuza abaana mu bitundu, *Okukuza Abaana Buwerezza*, ebrisangibwa ku mukutu gwaffe ogwa FDM.world. Kino kijja kukuyigiriza engeri y'okukulemberamu. Teeka mukyala wo mu bintu byonna ebikwata ku kusalawo mu maka omuli ssente n'okutendeka abaana. Katonda agamba nti muli omuntu omu, kati olwo lwaki olagajjalira by'ayogera n'obuyambi bwe?

## Okuwakanya Kureeta Ebivamu.

Waliwo ebiseera nze ne mukyala wange lwe tutakkaanya era nga yetaaga okugenda n'ekyensazewo, ng'ateeka obwesige bwe mu Katonda so si Craig Caster. Era bw'akkiriza obuyinza bwange kyeyagalire, so si mu mwoyo mubi, mu bukambwe, oba mu butawagira mu buliwo, awo abeera akakasa n'okuwagira obukulembeze bwange.

Nyonyola kiki katonda kyayogera wano.

Buli muntu awulirenga abakulu abafuga kubanga tewali bukulu butava eri katonda n'abakulu abaliwo baalagirwa katonda, awakanya obukulu kyava awaakanya okulagira kwa katonda era abawakana balyezzaako omusango bo bokka. (Abaruumi 13:1-2).

---

---

---

Abange! Etteeka lino lya mwoyo eryateekebwawo Katonda, so si kintu abasajja kye baafuba okwefunira. Obuyinza obumu bulabika nga tebulina makulu era abamu ku mmwe okufaananko mukyala wange mulina ebibuuzo mu birowoozo byammwe.

Naye weetegereze nti ekyawandiikibwa kigamba nti: "Tewali buyinza obutava eri Katonda." Ekyo kizingiraamu obyuinza bwona: teri buyinza. Mu mbeera eno tulina gavumenti ku batuuze bona (Tito 3:1; 1 Peetero 2:13– 17), naye Katonda era ayogera ku kkanisa n'obuyinza bw'abasumba ku bakkiriza bona (Abebbulaniya 13:7, 17), obukulu bw'omwami ku mukazi (1 Abakkolinso 11:3, 8–9; Abaefeso 5:22, Obufuzi bw'abazadde ku baana (Okuva 20:12; Engero 6:20–22; 23:22; Lukka 2:51; Abaefeso 6:1 n'ekifo ky'abaakama ku bakozi bona (Abeefeso 6:5–8; Abakkolosaayi 3:22 1 Peetero 2:18).

Weetegereze nti, "n'abakulu abaliwo balondebwa katonda" (Olunyiriri 1). Ekigambo kino eky'okulonda kikozesebwu mu Ebikolwa 13:48, "bangi abaalondebwa okufuna obulamu obutaggwaawo." Katonda afuga abo abalina obuyinza. Ekyo kitegeeza abakungu ba gavumenti abalungi n'ababi, abasumba abalungi n'ababi, abaami abalungi n'ababi, abazadde abalungi n'ababi, abakozesa obulungi n'ababi. Kino tuyinza obutakitegeera, naye ekigambo kya Katonda kye kigamba. Olowooza lwaki waaliwo abattibwa bangi nnyo? Abakristaayo battiddwa wansi w'omukono gwa gavumenti (wamu n'ab'obuyinza obulala bungi) kubanga tebegaana kukkiriza kwabwe, ne bwe baba nga babatiisatiisa okubatta. Abajjulizi abattibwa baali balamu era ne bafa olw'ennono egamba nti "obuyinza bwona buva eri Katonda."

Ekyawandiikibwa era kigamba nti "awakanya obukulu kyava awaakanya okulagira kwa katonda" (olunyiriri 2), ekijeemera Mukama butereevo. Bw'oziyiza ekiragiyo kino, obeera wesalira omusango ogw'obwa Katonda. Katonda ye y'assawo amateeka gano ag'ebi'omwoyo nga ayogeera. Bifaanagana n'amateeka agafuga ensi ge twasooka okwenneenya, gamba ng'amaanyi agasuula ffene wansi oba gravity. Amaanyi agasuula ffene wansi malungi.

Gatukuumira wansi wano ku nsi ng'ebigere byaffe binywevu ku ttaka. Ekyo, amazima ga Katonda kye ge gakola. Gatukuma nga tuli banywevu mu kwagala kwe tusobole okufuna emikisa gye olw'obuwulize.

Abaami, Katonda abalonze okukulembera nga musinzira mu buyinza. Bw'ogamba nti, "Nkimmanyi nti nnina okukulembera naye \_\_\_\_\_," obeera oziyiza ekyo Katonda kye yakutegeera okukola, omenya amateeka ag'ebi'omwoyo, n'okwesalira omusango." Omusango guno gusobola okujja mu ngeri nnyingi: obutaba n'ammanyi kubeera mu bulamu bw'Ezikristaayo; okufuna obuzibu mu kutegeera Katonda olw'obujeemu bwo; okukendeera mu nkolagana yo ne Mukama ekivaako okufiirwa emirembe, essanyu, obwesige n'obumativu; n'ebirala bingi. Okwennyamira, okweraliikirira, okubuuusabuusa, n'okutya bijja kugoberera.

Okosomozebwा kw'omukyala kwe kwesiga Mukama wansi w'obukulembeze bw'omwami. Omusajja k'abe ng'agaana okutwala obuyinza oba ng'omukyala tayagala kukkiriza nteekateeka ya Katonda ey'obufumbo, bombi bagenda kufuna ebizibu ebiva mu ekyo. Katonda ajja kubakangavvula ng'aleeta obulumi obw'ekika ekimu.

Obutagondera mateeka g'ebi'omwoyo bulijjo kireeta obulumi. Kino kiyinza okuba omusango oguleeta okufiirwa essanyu, emirembe n'obumativu, ne kiviirako abantu okubuzaabuzibwa, okubonaabona, n'okwennyamira. Okunoonyereza kulaga nti abantu 45 ku buli kikumi mu bu Kristayo bali ku ddagala olw'okwennyamira. Mbuuliridde bangi abeeyita abennyamivu okusinzira ku basawo. Oluvannyuma lw'okwekenneenya engeri gye balabiriramu bannaabwe ng'omwami n'omukyala, kyeyoleka bulungi lwaki bennyamivu. Nnyinza okugamba nti, "Oli ku menya amateeka munaana ag'ebi'omwoyo. Kyewunyisa nti okyali bulungi nga bw'oli. Tetusobola kumenya mateeka g'ebi'omwoyo ne tutakungula bivaamu, okuwulira obulumi mu mutima ne mu birowoozo." Okwennyamira kutera kuva ku kibi ekitayatuddwa n'omutima ogutenenya. Kino kiyinza okuvaako omusajja obutakulembera oba omukazi obutagonda.

## Okwekebera

Osobola okwesigisa katonda n'amazima gano? Wewulira otya bw'osoma nti Katonda atugunjula n'atuuzamu amaanyi n'obulumi bwe tutamuwuririza? Wandiika esaala ng'omusaba akuwe okukiriza osobole okukiriza amazima ge. Fumitiriza ku lunyiriri luno wamanga. Osobola okwesiga omulimu gwa katonda mubulamu kubanga guva mu kwagala kwe gyoli ng'omwana omwagalwa.

"era mwerabidde ekigambo ekibuulirira, ekyogera nammwe ng'abaana nti Mwana wange, tonyoomanga kukangavvula kwa Mukama, So toddiriranga bw'akunenyanga; kubanga abo katonda bayagala abakangavvula, era akangavvula buli mwana gwa fuuna". Abebulaniya 12:5-6)

---



---



---

## Okutendeka mu by'Omwoyo

Ekintu ekikulu mu buyinza bw'omusajja ky'alina kizingiramu okutendeka n'okulabirira mu by'omwoyo. Ebimu ku bino twabiwandiika mu muzingo 3, esomo 9. Kino omusajja asooka kukikola ng'anywerera ku Kristo buli lunaku ng'ayitira mu kusaba n'okuyiga Ekigambo kya Katonda. Ekiddako kyalina okukola bulijjo kwe kuwuliriza, okuyamba, n'okwogera ne mukyala we ku bintu eby'omwoyo. Omwami alina okufaayo ku bukumi bwa mukyala we, era ekisinga obukulu kwe kukula mu by'omwoyo n'okuba n'ekisera eky'obwassekinomu ne Katonda.

Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, era nga Kristo bwe yayagala ekkanisa, ne yeewaayo ku lwayo; esobola okulongosa n'okutukuzibwa amaazi ag'ekigambo. (Abefeeso 5:25-26)

Ekintu ekirala ku buvunanyizibwa bw'omusajja kwe kutendeka n'okukangavvula abaana be. Ne ku mulundi guno, pulaani y'okukangavvula esangibwa mu Kigambo kya Katonda kyokka, era okuffisa obudde buli lunaku mu kusaba kyetaagisa. Guno si mulimu gwa muntu omu wabula era gwetaaga obudde obw'okubeera awamu ng'omwami n'omukyala mu kukubaganya ebirowoozo n'okusaba. Bino byonna bikolebwa mu nkolagana ey'okwagala ne Katonda era ne bannaaffe.

Okwewayo kuno kwonna, okusoma n'obuwulize kikolwa kya kwagala eri Katonda, nga tweesiga nti atwagala era atwagaliza ebisingayo obulungi. Omusajja okuyigiriza mukazi we n'abaana be, okubayamba okuyiga okubeera mu Katonda n'Ekigambo kye, kiba kikolwa kya ku singa mu mirembe gyonna. Obwo bwebuvunaanyizibwa bwaffe, okubala ebibala by'obwakabaka bwa Katonda.

Nammwe, bakitaabwe temusunguwazanga baana bamwe naye mubalerenga mu kukangavvulanga ne mu kubuuliriranaga kwa mukama waffe. (Abefeeso 6:4)

Nzijukira emabega mu 1988, Katonda bwe yayogera nange nti: "Craig, obuweereza bwo obwasooka ge maka go." Nalowooza nti, "naye abange, Ekyo nnakisubwa ntya?" Bwe kityo, nnatandika okuyigiriza abaana bange Baibuli buli wiiki. Muwala wange y'asingayo okuba omuto era kumpi buli kiro twayitanga mu kitundu ky'olunaku olwo okuva mu kitabo eky'okwewayo n'okubeera mu maaso ga katonda. Ndaba emikisa egiva mu kugondera Katonda mu kitundu kino. Ebantu abaana bange abakulu bye basalawo mu bulamu kati bimpa omukisa nze ne mukyala wange okusinga bwe twali tusuubira.

1 Timoteewo 3:4 egamba, "afuga obulungi ennyumba ye ye, akuumu abaana be nga bawulize, era nga balina ekitiibwa." Okufuuga kitegeza "kukwasaganya". Tulina okukakasa nti abaana

baffe bagondera obuyinza bwaffe, okussa ekitiibwa mu bakyala baffe, n'okukkiriza okutendekebwa kwaffe. Katonda yatuyita okukola ekyo.

## Esomo 5: Bakabona ab'omu Maka.

Omwami, oli kabona mu maka go, nga Kabona bw'ali eri ekkanisa. Obuvunaanyizibwa buno obukulu ddala buweereza eri mukyala wo n'abaana bo. Bw'okola omulimu gwo ng'Ekgambo kya Katonda bwe kiragira, obeera toweereza Mukama yekka, wabula ne mukyala wo n'abaana bo. Wali weetunuulidde nga Kabona? Ka twekenneenye ebintu mukaaga.

Omukyala, ng'omuyambi, oteekwa okuba ng'omanyi okwagala kwa Katonda eri omwami wo ng'omukulembeze era kabona ku lw'amaka. Abasajja abasinga tebaalina kyakulabirako kirungi era tebaayigirizwangako mu ngeri ki ey'okubeera ba kabona. Naye waliwo amaanyi mu kusaba okw'okwegayirira. Yiga ebintu bino osobole okwegayirira mu ssaala ku lulwe.

### Ebintu Omukaaga Eby'oBwa Kabona

Ekisooka, okwewaayo kwo buli lunaku mu ku saba kikulu nnyo. Kino kye kiseera kyo eky'okubeera ne Mukama waffe, okwekkiriza n'okulaga Katonda n'amaka go nti weetaaga obulagirizi bwe n'amaanyi ge okusobola okuyita mu buli lunaku. Sisobola kukubuulira kimala ku bukulu bw'okwewaayo kwo buli lunaku. Buli lunaku lwe nsalawo okubeera nzekka ne Mukama waffe, mbeera mmussaamu ekitiibwa era ne nzijukira nti, "Nkwetaaga, Katonda. Sisobola kukikolera gwe wotali." Sisobola kwesigama ku bumanyirivu bw'emyaka amakumi asatu egiyise. Sisobola kwesigama ku magezi ge yampa gye bwayita. Sisobola kwesigama ku kintu kirala kyonna okuggyako ekisa kye ekya buli lunaku. N'olwekyo buli lunaku ng'enda gy'ali ne nkakasa nti tewali kintu kisinga kuba kikulu. Nneetaaga ekisa kye okubeera omwami era taata gwe yampita okubeera. Ekiseera kyo eky'okwewayo kyakulabirako buli lunaku? Ogulumiza Kristo mu nnyumba yo?

Eky'okubiri, ekyokulabirako kyo kikubiriza. Ng'Omusumba bw'alina okubeera omutuukirivu mu maaso g'ekisibo kye, bwe kityo bwe kiri n'abasajja okubeera ekyokulabirako eky'obwesigwa eri Mukama mu maka ge. Ffenna tulemererwa okugulumiza Katonda, naye kiki ky'okola bw'olemererwa okukiikirira Katonda mu nneeyisa yo? Okugulumiza Katonda kitegeeza nti tetuwolereza nneeyisa yonna, kigambo, oba ebikolwa ebikolebwa mu maaso ga bakyala baffe oba abaana ebitalaga kyakulabirako kya Yesu. Omusajja bw'aba ng'ayatula ekibi kye eri Mukama mu bwesigwa, n'asaba mukazi we n'abaana okumusonyiwa olw'enneyisa ye, olwo abeera ayolesa obwa kabona Katonda bwe yamuyitira.

Eky'okusatu, oyitibwa okusaba, buli kiseera era buli lunaku. Buli lunaku weeyama okusaba ne mukyala wo. Kino kireeta amaanyi ga Katonda mu bulamu bwo. Kino abasajja bangi bakifunamu obuzibu kubanga beeyongera okutunuulira ebyayita, oba ensobi zaabwe, ne bawulira nga tebasaanidde. Ebintu ebyo tobitunuulira. Beera muwulize eri Katonda era olemereko. Kino kizingiramu okusaba n'abaana bo ekiro.

Eky'okuna, yigiriza abaana bo. Bw'oba tomanyi ngeri gy'oyinza kukola kino, genda ku mukutu gwaffe ogwa Intaneeti ofune ebitabo byaffe eby'okukuza abaana, ku bwereere. Okuyigirizwa ye nkola etegeekedwa n'ekigendererwa eky'okusinkana n'okulungamya abaana okuyitira mu

Kigambo kya Katonda, ng'ojjukira okukikuumira ku mutindo gw'okutegeera kwabwe. Kitegeeza okussaayo omwoyo ku bintu, ggwe ng'omulabirizi waabwe, by'ozuddemu ebizibu eby'ebi'omwoyo oba obunafu mu byo. Kitegeeza okuwuliriza okutya kwabwe okw'ekito n'endowooza zaabwe n'obugumiikiriza, bulijo okubayisa mu ngeri ey'ekitiibwa, okutegeera nti mulimu gwo okubanunula okuva mu busirusiru n'okubakuumma okuva mu bintu eby'ensi. Eno y'engeri gy'oija okubakakasa nti Katonda ya kussa mu bulamu bwabwe okubakulembera mu kukula okw'obuvunaanyizibwa n'okwagala. Kino kijja kusigala nabo mu biseera by'obujeemu

Eky'okutaano, Katonda agamba, "obutalekanga kukunjana wamu," (Abaebbulaniya 10:25). Kino kitegeeza nti ab'omu maka balina okukunjana buli kiseera mu kkanisa ekkiririza mu Baibuli, nga baganyulwa mu mikwano gyonna, okussa ekimu, okuyigiriza n'ebikolwa ebikolebwa. Ekkanisa y'emu ku nteekateeka ya Katonda eri abakkiriza okutuyamba okukula mu kumanya Kristo, okuweereza bannaffe, n'okututeekateeka okukola by'ayagala (Abeefeso 4:12–16). Ggwe mukulembeze mu nsonga eno, obutalekera mukyala wo eby'okwetegeka ku Ssande ku makya n'okuyosa bw'oba oyagala okulaba emizannyo oba okwenyigira mu bikolwa ebitalina nyo makulu. Jjukira nti buvunaanyizibwa bwaffe okuteekawo ekyokulabirako ekirungi, okukulembeza Katonda mu kifo ky'okwerowoozaako.

Nyonyola kiki katonda kyayogera wano.

era tulowoozaganenga fekka na fekka okukubirizanga okwagala n'ebikolwa ebirungi; 25obutalekanga kukunjana wamu, ng'abalala bwe beyisa, naye nga tubuulirira, era nga tweyongeranga okukola ebyo bwe tutyo, nga bwe mulaba Olunaku luli nga lunaatera okutuuka. (Abebbulaniya 10:24-25)

---



---



---

Eky'omukaaga, obuwaniika mu by'enfuna kikulu nnyo eri Katonda. Okukola bajeti kintu ky'olina okukola ne mukyala wo. Ebyenfuna biyinza okufuuka ensonga enkulu mu bufumbo. Ab'ali bakafumbirwa b'ajja mu kuwaburwa. Omwami yagamba nti mukyala we tagondera bukulembeze bwe mu by'ensimbi. Oluvannyuma lw'okunoonyereza okutono, nababuuza oba balina bajeti. Mukyala we n'agamba nti, "Nedda, buli mwezi ssente tezimala by'etaago. Tewali bajeti ate kati ayagala kuddayo ku soma. Namubulira ky'endowooza ku nsonga eno naye n'anjamba nti nnina okukkiriza." Nabagamba bawandiike bajeti, erimu ebikakasa nti eby'omumaaso bifiredwako. Okuddukanya ssente kyetaagisa enteekateeka. Tekyesigamiziddwa ku ndowooza ez'obulimba n'obulagajjavu ku kukkiriza.

### **Omukulembeze Agabirira**

Fumiitiriza ku lunyiriri luno, era lowooza ku ngeri kino gye kyandikutte ku buvunaanyizibwa bwo ng'omwami.

Naye bwewabawo omuntu yena atasobola kugabirira babe, okusingila daala abo abomunyumba ye, yeganye okukiriza kwe era ali bubi nyo okusinga atali mukiriza. (1 Timoseewo 5:8)

Mu nnyinnyonnyola eno ey'okugabirira, Katonda atadde obuvunaanyizibwa bungi ku baami. Weetegereze nti kitandika n'ebirowoozo ebitegekeddwia naye n'ekikomekereza mu kukola. Omu ku bawandisi agamba nti, "Okugabirira ab'omu maka nsonga nkulu nnyo mu by'omwoyo. Obutatuukiriza njiri mu ngeri eno kiba ng'okwegaana okukkiriza." Otekwa okugabiriranga ab'omu maka go.

Abasajja abamu bagayaavu oba bajeemera Katonda era tebamueereza n'obwesigwa mu kitundu kino. Abasajja abalala bakulembeza nnyo ssente n'ebiruubirirwa byabwe okusinga bakyala baabwe n'abaana baabwe.

Abasajja abagagga basobola okweyimirizaawo, okwetwala okuba abatuukirivu, n'abazibe b'amaaso mu by'omwoyo kubanga ssente zibawa endowooza enkyamu nti balina obukuumi n'obuyinza. Abasajja abali mu bibinja by'abantu abalina ssente entono oba aba wansi oluusi bakola nnyo okusobola okwetyongera ate nga balina ebiloto ebinene ne balowooza nti balina eby'okukola bingi, omulimu gwabwe mukulu nnyo ate nga tebalina budde kufaayo ku bintu ebikwata ku maka gaabwe.

Naye Ekigambo kya Katonda kikulaga byolina okukulembeza mu bulamu bwo. Kyetagisa obudde okwagala, okusanyukira, n'okulabirira mukyala wo, okukuza abaana be mwaleeta mu nsi mwebi. Bw'oba omalayo essaawa nsanvu buli wiiki ng'ozimba obwakabaka bwo, ng'onoonya obugagga, era nga toyagala kukolera ku mazima gano, olwo oba tofaayo ku buvunaanyizibwa Katonda bw'akuwadde. Amagoba g'Eby'enfuno gonna gayinza okukuleteera obulumi bungi n'okufiirwa. Abaana bo basobola okuva ku Katonda, oba oyinza okusaanyaawo obufumbo bwammwe olw'obu lagajjavu.

### FAYILO Y'AMAZIMA.

*Okugabirira—Pronoeo (Oluyonaani). Okulowooza ennyo ku kintu, okulowooleza ennyo, okuteeka mu ndowooza ekintu ekyo oba omuntu oyo, okulowooza ku by'omumaso, okufaayo mu ngeri ey'okugabirira omuntu omulala.*

## OKUSIMA EBUZIBA

Menya amateeka ag'ebiyandikibwa yesu gayagala tukozese mu byensimbi zafe.

Tewali muntu ayinza kuweereza baami babiri, kuba oba anaakyawanga omu, n'ayagalanga omulala oba anaanywereranga ku omu n'anyoomanga omulala. Temuyinza kuweereza katonda ne mamona. (Matayo 6:24)

Naye musooke munoonye obwakabaka bwe n'obutuukirivu bwe era byonna mulibyongerwako. (Matayo 6:33)

---



---



---

Katonda agamba nti tulina okumutunuulira olw'ebintu bye tukulembeza mu bulamu bwaffe. Tulina okumwesiga olw'emirimu gyaffe, olw'okulanjamizibwa kwaffe, olw'emikisa egiggulawo. Tuteekwa okuba abeesigwa mu bintu bino, naye okugabirira tekwetaaga kukosa maka gaffe.

### **Katonda Agabirira Bye Wetaaga.**

<sup>1</sup>Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo, eri abo abaafuna okukkiriza okw'omuwendo omungi nga ffe bwe twakufuna mu butuukirivu bwa Katonda waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo; <sup>2</sup>ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda ne Yesu Mukama waffe. <sup>3</sup>Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eb'yokutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye. <sup>4</sup>Mu byo mweyatuhweera ebisuubizo ebinene era eby'omuwendo omungi ennyo; olw'ebyo mulyoke muwone okuzikirira okuli mu nsi okuleetebwa okwegomba okubi, mulyoke mugabane ku bwa Katonda bwe. (2 Peteero 1:1-4).

Katonda agamba nti atuwadde buli kirabo eky'eb'yomwoyo kye twetaaga okusobola okutuukiriza okwagala kwe. Wewaawo, tulina okubeera naye buli lunaku. Wewaawo, tuteekwa okwagala okubeera nga Ye. Wewaawo, tuteekwa okusalawo okunoonya Ekigambo kye n'okuyiga by'atusuubiramu. Ekyo kye kitundu kyaffe, naye Katonda asuubiza okutujjuza amaanyi ge, okutusobozesa okubeera abakulembeze ab'obwa Katonda. Oyagala abalala balabe Kristo mu ggwe, obufumbo bwammwe bubeere kyakulabirako ku nkologana Kristo gy'alina n'ekkanisa ye? Oyagala abaana bo baweebwe omukisa n'okufuuka omukisa eri abalala buli gye bagenda? Oyagala ab'omu maka go beesiga Katonda n'okumuweereza olw'ebyo by'akukoledde?

Taata aweredwa omukisa ogw'amaanyi okulaba ng'abaana be bagezesewa ensi kyokka n'akomekereza ng'agamba nti, "Tewali sitaani ky'asobola okugaba ekisemberera ekyo kye nnalaba Katonda ng'akola mu maka gaffe." Abaana bwe balaba amaanyi g'okwagala kwa Katonda nga gayita mu kitaabwe era ne baweebwa omukisa olw'obukulembeze bwe obw'okutya Katonda awaka, kibasanyusa. Katonda afuka amaanyi ge n'omukisa ku buli omu ku ffe abagamba nti, "Nkyagala."

Naye Katonda ow'emirembe, eyakomyawo okuva mu bafu omusumba w'endiga omukulu olw'omusaayi ogw'endagaano ey'olubeerera, ye Mukama waffe Yesu, abatuukirize mu buli kigambo ekirungi okukolanga by'ayagala, ng'akolera mu ffe

ekisiimibwa mu maaso ge, ku bwa Yesu Kristo; aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina. (Abebbulaniya 13:20-21)

Bw'oba oyagala okwongera okusoma, n'okutegeera ebigo ebikulemesa okukola Katonda by'ayagala mu bufumbo bwo, jjuza Eky'ongerezewako M: *Ebiteera okwesittaza*.

### **Musabire wamu**

Yakobo 4:2-3 etugamba okusaba okusinzira kukwagala kwa katonda. Bwe tusaba ekintu kyona kyona ekiri mukwagala kwe,asuubiza okukitukiriza. Ng'omaze okuyiga kiki katonda ky'ayagala nga abakulembeze b'obwa katonda, kikirize, era wakanya buli kirowozo ekigamba nti tosobola. Juukira, tekiri ku oba wali wakuuzibwa otya, wali ani nga tonalokoka, oba ne ensobi zokoze paka ku nsonga eno. Okusasira kwa katonda kubeera kuggya buli lunaku, eraasuubiza okusonyiwa n'okukuwa ekisa okukola buli kintu kyakuyitide okukola.

Twaala bino byona eri mukama, musabire wamu nga abagalana.

*Mukama waffe Yesu, twebaza olw'okutwagala nga tuli boonoonyi n'okutukkiriza bwe twakusabira obulokozi. Era kati tukutendereza Katonda, olw'okutuyita okukola omulimu ogw'ekitalo era ogw'amaanyi—okugoberera enteekateeka Yo ey'obufumbo bwaffe n'amaka gaffe. Kitaffe, tufuule abeesigwa okukulembira n'okugoberera nga bw'oyagala. Tukimanyi nti kino tetusobola kukikola ku Iwaffe wabula Iwa kisa kyo kyokka. Mukama, ggyawo okubuuusabuusa kwonna n'okutya ebiyinza okutulemesa okugondera amazima. Tukusaba osibe omulimu gw'Omulabe, okwanika obulimba bwe n'obukuussa bwe, n'okuzzawo amagezi n'essuubi ly'okutya Katonda. Twagala okukugulumiza n'okukkiriza obuweereza buno obw'enjawulo obw'amaka. Beera n'ekkubo lyo mu buli kitundu ky'obulamu bwaffe, Ayi Mukama. Tusaba okuwona, okutabagana wakati waffe ng'omwami n'omukyala, era n'abaana baffe. Amaka gaffe galeete ekitiibwa mu buli kitundu. Kino tukisabye mu linnya lyo Yesu. Amiina.*

### **Okwekebeera Mubufumbo.**

Oluvannyuma Iw'okuyiga enteekateeka ya Katonda n'ebigendererwa by'obufumbo bwammwe, ojja kusigala ng'ofuna ebisomoza. Oyinza okwebuuza oba ddala enteekateeka Ye ekola, oba oyinza okufuna obuzibu kubanga munno tayagala kukolagana naawe. Kino bwe kibaawo, totya wadde okutunuulira enkola z'ensi. Todda mu mpisa enkadde. Mu kifo ky'ekyo, weekenneenyen Eky'ongerezewako Q: *Okwekebera Mu bufumbo okusobola okumanya ensibuko y'ekizibu entuufu, oluvannyuma weekenneenyen ennono eziri mu buli kitabo ky'okujuzzamu.*

## **Ebyongerezeddwako Eby'okukozesa**

Ebyongerezeddwako bino baamu ng'ebikozesebwa ebirala. Zisangibwa mu mizingo gyonna etaano, naye si byonna ebigattibwako bye biba mu buli muzingo. Bw'oba oyagala okwetegereza ekyongerezeddwako ekigere, funa we kiri mu lukalala luno wammanga.

Ekyongerezeddwako A: Ebbaluwa ey'Okwewaayo	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako B: Okuwaayo Obulamu Bwo eri Kristo	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako C: Okukulaakulanya Enkolagana Ey'oku Lusegere Ne Katonda Buli Lunaku	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako D: Ebitabo Ebisembwa	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako E: Okwekenenya Okuwuliriza Okulungi	Omuzingo 2
Ekyongerezeddwako F: Okulongoosa Empuliziganya Yo ey'Okwagala	Omuzingo 2
Ekyongerezeddwako G: Okumenya olujegere	Omuzingo 2 & 3
Ekyongerezeddwako H: Ebyetaago by'omwami	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako I: Engeri ya Baibuli Omwami gy'Ayanukulamu Eri Okuziyizibwa	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako J: Engeri yebyawandikibwa omwami gyatukuzamu mukyala we.	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako K: Ebyetaago by'Omukyala	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako L: Ebyetaago by'Omukwano	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako M: Ebintu Ebitera Okwesittaza	Omuzingo 3-5
Ekyongerezeddwako N: Akaboozi Mu Bufumbo Eri Abasajja	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako O: Akaboozi Mu Bufumbo Eri Abakyala	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako P: Obwesige n'Okusonyiwa	Omuzingo 2-5
Ekyongerezeddwako Q: Okwekebeera mu bufumbo	Omuzingo 5
Ekyongerezeddwako R: Enkuluze	Omuzingo 1-5

## Ekyongerezeddwako M: Ebisinga okwesittaza

Bayibuli eraga ensonga ezimu ezitera okuleetera abasajja obutakulembra nga Katonda bw'ayagala n'ensonga Iwaki abakazi tebakakasa babbaabwe. Ekyesittaza oba ekigo, kiyinza okuba emu oba eziwera ku nsonga eziragiddwa wansi. Mukama bw'aba ayogera naawe mu kimu ku bintu bino, kyatule era omusabe akunyweze obeere omuwulize eri by'ayagala. Wandiika okwatula kwo n'okusaba kwo mu kifo ekiweereddwu buli kitundu.

### Ensonga 1: Obutasonyiwa

Katonda yali akulededko omuntu mu ndowooza yo eyetaaga okusonyiwa?

*"Kubanga bwe munaasonyiwangaabantu ebyonoono byabwe, nammwe Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga.<sup>15</sup> Naye bwe mutaasonyiwenga bantu byonoono byabwe, ne Kitammwe taasonyiwenga byonoono byammwe."* (Matayo 6:14–15)

Okusonyiwa tekitegeeza:

- Eyakuniiza yakirizza nti kyeyakola kyali kikyamu,
  - Eyakuniiza yakusabye ekisonyiwo
  - Eyakuniiza yakirizza okusonyiwa, oba
  - Enkolagana egenda kuddawo.
- 
- 
- 
- 
- 

### Ensonga 2: Obulimba

Sitan atukema tusobole okujemera kristo era n'okubuuusabuusa kyetuli mu ye.

kubanga eby'okulwanyisa eby'entalo zaffe si bya mubiri, naye birina amaanyi agava eri Katonda olw'okusaanyawo ebigo. <sup>5</sup>Tusaanyaawo empaka na buli kintu ekigulumivu ekikulumbazibwa okulwana n'okutegeera kwa Katonda, era nga tujeemulula buli kirowoozo okugondera Kristo." (2 Bakolinso 10:4-5)

Sitaani akozesu obukodyo busatu obwa bulijjo okutulwanyisa.

1. **Obulimba, nolwekyo netubuuusabuusa ebisubizo bya katonda.**

"Mmwe muli baki tammwe Setaani, era mwagala okukola okwegomba kwa kitammwe. Oyo okuva ku lubereberye ye mussi, so teyanywerera mu mazima, kubanga amazima tegaali mu ye. Bw'ayogera obulimba, ayogera ekiva mu bibye; kubanga ye mulimba era kitaawe w'obulimba." (John 8:44)

## **2. Okunenyezebwa oba okulumiriza abalala oba ffe kennini**

<sup>9</sup>N'ogusota ogunene ne gusuulibwa, omusota ogw'edda, oguyitibwa Omulyolyomi era Setaani, omulimba w'ensi zonna; ne gusuulibwa ku nsi, ne bamalayika baagwo ne basuulibwa nagwo. <sup>10</sup>Ne mpulira eddoboozi ddene mu ggulu, nga lyogera nti, "Kaakano obulokozi n'amaanyi n'obwakabaka bwa Katonda waffe, n'obuyinza bwa Kristo we buzz: kubanga aloopa baganda baffe, eri Katonda waffe emisana n'ekiro asuuliddwa wansi." (Okubikkulirwa 12:9–10)

## **3. Okuleeta eby'emabega byaffe, okuzibikira kye tuli mu Kristo**

<sup>17</sup>N'olw'ekyo omuntu yenna bw'aba mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuisse biggya. <sup>18</sup>Naye byonna biva eri Katonda, eyatutabaganya naye yekka ku bwa Kristo, n'atuwa ffe okuweereza okw'okutabaganya. <sup>19</sup>Kwe kugamba nti Katonda yali mu Kristo ng'atabaganya ensi naye yennyini, nga tababalira byonoono byabwe, era nga yatuteresa ffe ekigambo eky'okutabaganya.<sup>20</sup>Kyetuva tubeera ababaka mu kifo kya Kristo, Katonda ng'afaanana ng'abeegayirira okuyita mu ffe, tubeegayirira mu kifo kya Kristo mutabagane ne Katonda. <sup>21</sup>Ataamanya kwonoona, yamufuula ekibi ku lwaffe; ffe tulyoke tufuuke obutuukirivu bwa Katonda mu ye." (2 Abakkolinso 5:17–21)

---



---



---



---



---



---

### **Ensonga 3: Okuyigganyizibwa**

Nga gwe no mwagalwa wo bwemukola okusobola okuleeta enkyukakyuka, weteseteese okukiriza Okuyigganyizibwa okuba ekimu ku ntegeka teeka za katonda eri obulamu bwo?

<sup>2</sup>Mu ye mwe twayita okufuna ekisa kino kye tuyimiriddemu; era tusanyuka mu kusuubira kwe tulina okw'okugabana ku kitibwa kya Katonda. <sup>3</sup>So si ekyo kyokka, era naye twenyumirizenga mu kubonaabona kwaffe, nga tumanyi ng'okubonaabona kuleeta okugumiikiriza; <sup>4</sup>nate okugumiikiriza kuleeta empisa ennungi; n'empisa ennungi zireeta okusuubira: <sup>5</sup>n'okusuubira tekukwasa nsonyi,

*kubanga okwagala kwa Katonda kufukiddwa ddala mu mitima gyaffe, mu Mwoyo Omutukuvu gwe twaweebwa." (Abaruumi 5:2–5)*

<sup>20</sup>*Kubanga bwe mukola obubi ne mukubibwa empi, bwe muligumiikiriza, ttendo ki? Naye bwe mukola obulungi ne mubonyaabonyezebwa, bwe muligumiikiriza, ekyo kye kisiimibwa eri Katonda.* <sup>21</sup>*Kubanga ekyo kye mwayitirwa, kubanga era Kristo yabonyaabonyezebwa ku Iwammwe, ng'abalekera ekyokulabirako, mulyoke mutambulirenga mu bigere bye. (1 Peetero 2:20–21)*

---

---

---

---

### **Ensonga 5: Obwa nakyemalira**

Mujjukire nti si mungeri yaffe naye mu kwagala kwe, si mu biseera byaffe wabula mu bibye. Gumikiriza.

"*Okwagala tekunoonya byakwo*" (1 bakolinso 13:5).

*N'abagamba nti, ayagala okungoberera yefirize yetikke omusalaba gwe angoberere (Lukka 9:23)*

*Bwewabaawo ajja Jendi nga akyawa nyina ne kitaawe, omukyala nomwana, baganda be abalenzi nabawala ye nga ye mubulamu bwe tasobola Kuba muyigiriza wange. (Lukka 14:26)*

---

---

---

---

Sitan ayagala nyo okuwugula osoble okuteeka essira kubyayagala okukujja ku bisubizo bya katonda, nga akozesza ebyayita, ebikemo byensi oba byeweyagaliza wekka.

### Katonda Atugezesera era Atulongoosa

"naye nga bwe twasaanyizibwa Katonda okuteresebwa enjiri, bwe twogera bwe tutyo, si ng'abaagala okusiimibwa abantu, wabula Katonda akema emitima gyaffe."<sup>1</sup> Abasessalonika 2:4

"Alituula ng'oyo alongoosa effeeza n'agimalamu amasengere, era alirongoosa batabani ba Leevi, era alibasengejja ng'ezaabu n'effeeza; okutuusa lwe baliwaayo eri Mukama ebiweebwayo mu butuukirivu."(Malaki 3:3)

Mukama katonda atugamba nti akema emitima gyaffe era atujjamu obubi natutukuza, kino kitwala emitendera tekikolebwa mu lundi gumu. Era ebigezo mukama byatuwa olusi bibikula ebibi muffe. Ayagala twatule ebibi byaffe gy'ali era tweweyo nga tumugondera buli lunaku, okuleka amakubo gaffe amabi tumugoberere.

Omulimu gwaffe kukola kigambo kye nga bwekiri, no kujja gy'ali mu kwewombeka nokusaba, okumusaba okukyusibwa mu kifananyi kya kristo. Nga tutambulira mu bugonvu atukolemu omulimu olwo tulyoke tumuweese ekitibwa. Mukama tagambangako nti tutukiridde nedda nti oba buli kyetukola kiba kitukiridde, naye tusobola okutambulira mu ye natutereeza emitima Jaffe.

"Natambuliranga mu nyumba yange nomutima ogutukiridde." (Zabuli 101:2)

"Omutima ogutuukiridde" gwe mutima ogulung'amizibwa ennyo eri Katonda era ogukubirizibwa okwagala okutambulira mu ngeri emusanyusa mu makubo gaffe gonna. Mu kino tumugulumiza. Wandiika essaala ng'osaba Mukama "omutima ogutuukiridde" okutambulira munda mu maka go nga bw'ayagala.

---

---

---

---

---

Soma ennyiriri eziri wansi era oddemu ebibuuozo bino wammanga.

<sup>2</sup>ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda ne Yesu Mukama waffe.

<sup>3</sup>Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye. <sup>4</sup>Mu byo

*mweyatuweera ebisuubizo ebinene era eby'omuwendo omungi ennyo; olw'ebyo mulyoke muwone okuzikirira okuli mu nsi okuleetebwa okwegomba okubi, mulyoke mugabane ku bwa Katonda bwe.* <sup>5</sup>*Olw'ensonga eno mufube okulaba nga, ku kukkiriza kwammwe mwongerako obulungi, era ne ku bulungi bwammwe mwongerako okutegeera;* <sup>6</sup>*era ne ku kutegeera kwammwe mwongerako okwegendereza; era ne ku kwegendereza kwammwe mwongerako okugumiikiriza; era ne ku kugumiikiriza kwammwe mwongerako okutya Katonda;* <sup>7</sup>*era ne ku kutya kwammwe Katonda mwongerako okwagala ab'oluganda; era ne ku kwagala ab'oluganda kwammwe mwongerako okwagala.* <sup>8</sup>*Kubanga bwe muba n'ebyo ne biba ebingi, bibafuula abatali bagayaavu n'ababala ebibala olw'okutegeerera ddala Mukama waffe Yesu Kristo.* <sup>9</sup>*Kubanga ataba n'ebyo ye muzibe w'amaaso awunawuna, bwe yeerabira okunaazibwako ebibi bye eby'edda.* <sup>10</sup>*Kale, ab'oluganda, kyemunaavanga mweyongera obweyongezi okufubanga okunyweza okuyitibwa kwammwe n'okulondebwa, kubanga ebyo bwe munaabikolanga, temulyesittala n'akatono.* <sup>11</sup>*Bwe mutyo mulyoke tuyingizibwe mu bugagga obw'obwakabaka obutaggwaawo obwa Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo.* (2 Peetero 1:2–11)

Lowooza ku nnyiriri zino ez'okwongerako: Zabbuli 73:23–24; 91:1–2; 103:8–18; Engero 3:5–6; Matayo 11:28–30; Abarumi 8:28–39; 1 Bakkolinso 10:13; 2 Bakkolinso 5:17; 9:8; Abefeeso 6:10–12; Abafiripi 4:6–7; Tito 3:4–6; Yakobo 1:2–4; 1 Peetero 5:6–7.

Okkiririza nti Katonda akuwadde “ebisuubizo ebinene ennyo era eby'omuwendo ennyo”? Biwandiike.

---

---

---

---

Olwa maanyi ge, tuguma mu mwoyo, tuwangula, era ne tukola okwagala kwe. Awo netufuuka abakulembeze, abaami, Abakyala, era ba maama nga bweyatuyita okubeera.

Nyinzizza byonna mwoyo kristo ampa amaanyi. (Abafiripi 4:13)

Si lwa maanyi gaffe, kubanga ffe tetulina kirungi muffle.

Nze muzabbibu, mwe Mata I. Abeera munze, nange mu ye abala ebibala, awatali nze tewali kyemuyinza kukola. (Yokaana 15:5)

Olw'ekisa kye kyokka mwe tutuuka ku buwanguzi.

Awo Yesu n'abagamba nate nti, "Emirembe gibe mu mmwe: nga Kitange bwe yantuma nze, nange bwe ntyo mbasindika mmwe." (Yokana 20:21)

Laba gye tuggyga amaanyi gaffe, engeri gye tukwatamu amaanyi ago, n'ebivaamu. Katonda bw'aba atuwa byonna bye twetaaga, kiki ky'ayagala okubikozesa? Biwandiike byonna wammanga:

---

---

---

---

---

Beera mugumikiriza, togwamu maanyi. Weweeyo buli lunaku osobole okukyusibwa mu kifananyi kya kristo ku lwe kigambo kye n'Omwoyo we. Beera nga ovunanyizibwa kwebyo ebikulemye. Yimirira mu kwagala kwa katonda era olindirire katonda kyajja okukola eri obulamu bwo.

## Ekyongerezeddwako P: Obwesige N'okusonyiwa

Zabbuli 139 eyigiriza nti Katonda amanyi buli omu ku ffe, nti ebikolwa byaffe byonna n'ebirowoozo byaffe bimanyiddwa gy'ali ne bwe biba nga tebinnaba kumanyibwa gyetuli. Nga tonnaggulawo mutima gwo eri Katonda, okukkiriza Yesu nga Mukama era Omulokozi, yali amanyi nti ojja kujja. Katonda tayagala muntu yenna kuzikirira; kyokka, okuyita mu kukozesa eddembe ly'okwesalirawo, awa buli muntu eddembe okumugaana.

### Okwesiga katonda nebyayita byaffe nokugezesebwa

abantu bona ab'oku nsi abalwooza nga si kintu,  
era akola nga bw'ayagala mu ggye er'yomu ggulu,  
era ne mu abo abatuula mu nsi.

Tewali ayinza okuziyiza ky'ayagala okukola,  
wadde okumubuuza nti, "Okola ki?" (Danyeri 4:35)

<sup>1</sup>Ayi Mukama, wannoonya nze, wammanyा.

<sup>2</sup>Omanyi bwe ntuula, era ne bwe ngolokoka,  
Otegeera okulwooza kwange nga kukyali wala.

<sup>3</sup>Onoonyeza ddala ekkubo lyange n'okwebaka kwange,  
Era omanyi amagenda gange gonna.

<sup>4</sup>Kubanga simuli kigambo mu lulimi lwange,  
Laba, Ayi Mukama, ggwe ky'otomanyira ddala. (Zabbuli 139:1–4)

### FAYIRO y'AMAZIMA

*Omufuzi—Okubeera n'obuyinza obw'oku ntikko, amagezi agataliiko kkomoo, n'obuyinza obujjuvu.*

Katonda yatonda Adamu ne Kaawa, era yabagaana ekintu kimu kyoka: temulya ku Muti gw'Okumanya EKirungi n'Ebib. Naye baalimbibwa Sitaani era, mu bujeemu, ne basalawo okulya ebibala by'omuti ogwo. Kino kyaleeta ekikolimo ky'ekibi ku bantu bona. Mu Adamu, Katonda yawa abantu eddembe okulonda ebirungi, naye n'akyuka n'adda mu bibi. N'olwekyo bona kati abasalawo okuddamu okuzaalibwa ng'abaana ba Katonda, olw'okukkiriza mu Kristo, bakyabeera mu nsi eyagwa era bakwatibwako obubi obubeetoolodde. Singa Katonda yakuma abaana be okuva mu bizibu byonna n'ebibi byonna, abantu bandibadde bakubirizibwa okuddukira gy'ali olw'obukakafu bw'obulamu obwangu. Ensonga eno yennyini ye yatandika ebyaliwo mu ggulu wakati wa Katonda ne Sitaani ku bikwata ku bulamu bwa Yobu.

<sup>9</sup>Awo Setaani n'addamu Mukama nti, "Yobu atiira bwereere Katonda? <sup>10</sup>Tomusizaako lukomera okumwetooloola, ye n'ennyumba ye, ne byonna by'alina? Owadde omukisa byonna byakola, n'ebintu bye byaze mu nsi. <sup>11</sup>Naye kaakano golola omukono gwo omuggyeko byonna by'alina, ajja ku kwegaanira mu maaso go." (Yobu 1:9–11)

Katonda yakkiriza Sitaani okugezesza okukkiriza kwa Yobu ng'ayita mu kufirwa ebintu bye, abaana be, n'oluvannyuma obulamu bwe. Katonda Kitaffe ayagala era taleeta bubi mu bulamu bwaffe; kyokka, olw'ekigendererwa kye n'olw'obulungi bwaffe obw'enkomererero, atukkiriza okukwatibwako okugezesebwa. Yobu yeeyongera okwesiga Katonda mu kubonaabona kwe kwonna, era okukkakkana ng'alina enkolagana ey'oku lusegere n'Omutonzi we n'okuzzaawo emikisa mu bujuvu.

Yobu yebuza ensonga Iwaki Katonda yali amukkiriza okubonaabona. Katonda yali alangidde Yobu okuba omusajja omuntuukirivu mu Yobu 2:3, n'olwekyo n'abuuza Iwaki. Okumala essuula eziwerako, yabonaabona olw'ensonga eyamuleetera okugezesebwa. Katonda teyaddamu butereevu wabula yakyusa amaaso ga Yobu n'atunuulira amaanyi ge n'ekitiibwa kye, ebyolesebwa mu butonde. Okunoonya kwa Yobu kwatuuka ekiseera ne kumatizibwa okuyita mu kutegeera okusingawo ku bukulu bwa Katonda. Okufaanankyo Yobu, bwe tufuna ebigezo, tunoonya okunnyonnyola. Era bwe kityo bwe kiri ne ku bufumbo bwaffe n'okugezesebwa okulabika ng'okuzitoowerera ennyo. Ekimu ku bintu bingi bye tuyinza okuyigira ku Yobu kwe kuba nti /waki kibuuzo kikyamu. Mu kifo ky'ekyo tusaanidde okubuuza Katonda *kiki*.

Kiki Ky'ogezaako Okunjigiriza?

Kiki ky'oyagala gyendi mu kiseera kino eky'okubonaabona?

Omuntu yenna bw'akemebwanga, tayogeranga nti Katonda ye ankema, kubanga Katonda takemebwaa na bubi, era ye yennyini takema muntu yenna.<sup>14</sup> Naye buli muntu akemebwaa, ng'awalulwa okwegomba kwe ye n'asendebwasendebwa. (Yakobo 1:13–14)

<sup>1</sup>Awo Yobu n'addamu Mukama ng'agamba nti:

<sup>2</sup>Mmanyi nga ggwe oyinza byonna,

Era nga tewali kigambo kye wateesa ekiyinza okuziyizibwa. . . .<sup>5</sup> Nnawuliranga buwulizi bye bakwogerangako,

Naye kaakano nkulaba na maaso gange." (Yakobo 42:1–2, 5)

Waliwo ekimu ku bitundu by'obulamu bwo ekisukka amaanyi ga Katonda, amagezi ge, oba obuyinza bwe? Lwaki oba Iwaki nedda?

---



---



---

Mbeera ki mu bulamu bwo Katonda gye yali tamanyi nga bukyali nti ojja kwolekagana nayo?

---

*Mu oyo naffe mwe twafuukira abasika, bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akola byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe. (Abaefeso 1:11)*

How should you respond to disappointments, difficulties, suffering, and trials?

---

---

---

Singa Katonda yali amanyi byonna ebyali bigenda okubaawo nga tetunnazaalibwa, kiba kitegeza nti, okuyita mu kumanya kwe okwasooka, twategekebwaa dda okuyita mu kisa kye okubeera n'obulamu obwatuweebwa. Katonda takugira kugezesewa oba bubi obutatukwatako, oba okulemesa okusalawo kwaffe okubi, nayeasuubiza okukola byonna ku lw'obulungi mu bulamu bw'abo abeewaddeyo gy'ali.

*Era tumanyi nti eri abo abaagala Katonda era abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna abibakolera wamu olw'obulungi.<sup>29</sup> Kubanga abo bona be yamanya edda, era yabaawula dda okufaananyizibwa n'enegeri y'Omwana we, abeerenga omubereberye mu b'oluganda abangi. (Abaruumi 8:28–29)*

Oyinza okusalawo okukuma obusungu eri abazadde abakumalamu amaanyi, omwagalawo mubufumbo eyakulekawo, mikwano gyo egyakulemesa, oba ddereevo atamidde n'atta omwagalwa wo. Oba tuyinza okussa okukkiriza kwaffe mu Katonda Omufuzi wa byona.

Bwe tujja eri Kristo, twesigisa Katonda n'enkomerero yaffe ey'olubeerera. Era tulina okumwesiga n'embeera zaffe ez'emabega n'ez'omu kiseera kino. Kristo asobola okutubudaabuda n'okutunyweza mu kugezesewa kwaffe n'okutuyisamu era asobola okuggya ebirungi mu bubi. Okuyitira mu kukkiriza n'obuwulize bwaffe kwokka Katonda mw'asobola era ajja kutuwa emirembe n'okuleeta ettendo, n'ekitiibwa eri Mukama waffe Yesu Kristo.

Nnyonnyola ennyiriri zino kye zitegeeza n'enegeri gye ziyanza okukozebwaa mu mbeera zo.

<sup>6</sup>Obwo bwe mujagulizaamu, newakubadde nga mwanakuwazibwa mu kukemebwa okutali kumu akaseera akatono kaakano, oba nga kibagwanira,  
<sup>7</sup>okugezebwaa kw'okukkiriza kwammwe okusinga omuwendo ezaabu eggwaawo, newakubadde ng'egezebwaa mu muliro, kulyoke kulabike okuleeta ettendo n'ekitiibwa n'okugulumizibwa Yesu Kristo bw'alibikkulibwa. (1 Peetero 1:6–7)

---

## **Okugezesebwa Kwaffe N'ebibonyoobonyo Byaffe**

Ekigambo kya Katonda kiyigiriza nti okugezesebwa n'ebibonyoobonyo kitundu ku bulamu bw'Ekikristaayo.

*Ebyo mbibabuulidde, mube n'emirembe mu nze. Mu nsi mulina ennaku: naye mugume; nze mpangudde ensi.*"(Yokana 16:33)

Yesu atugamba nti tusobola okufuna emirembe era nti awangudde ensi, naye wakati mu kugezesebwa twebuuza nti, "Lwaki? Ekigendererwa kya Katonda kye ki?" Nga omulongoosa bw'ateeka zaabu atali mulongoose mu kibya n'ayongeramu ebbugumu okuleeta ebisasiro (obucaafu) ku ngulu, Katonda akkiriza abaana be abaagalwa okugenda mu kibya ky'okubonaabona okulongoosebwa n'okufuulibwa ekifaananyi ky'Omununuzi waffe, Yesu Kristo.

*Alituula ng'oyo alongoosa effeeza n'agimalamu amasengere, era alirongoosa batabani ba Leevi, era alibasengejja ng'ezaabu n'effeeza; okutuusa lwe baliwaayo eri Mukama ebiweebwayo mu butuukirivu.* (Malaki 3:3)

Singa twesiga obulungi bwa Katonda n'ekigendererwa kye, emitima gyaffe gjija kujjula okwagala, essuubi, n'obwesige bwa Yesu Kristo. Abalala bajja kulaba obutuukirivu bwa Yesu Kristo nga bukolebwa mu ffe.

Ojjukira Abaruumi 8:28–29? Katonda tagamba nti ebintu *ebimu* bikolera wamu olw'eborungi, wabula *byonna*. Ekikulu kwe kukkiriza. Singa tusalawo okukkiriza ebisuubizo bya Katonda n'okumwesiga mu kugezesebwa kwaffe kwonna n'ebibonyoobonyo byaffe, tujja kuba bawanguzi, era Katonda ajja kugulumizibwa. Mu kitundu kino, "eri abo abaagala Katonda" kitegeeza abo abafunye Yesu nga Mukama era Omulokozi, nga muno mulimu okutegeera nti ekigendererwa kya Katonda mu bulamu buno kwe kutununula okuva mu maanyi g'ekibi, ekivvuunulwa okufuuka omuntu asobola okulonda obutuukirivu okusinga obubi, ekitiibwa kidire Katonda.

*Naye Katonda yeebazibwe, atutwala bulijo ng'abawanguzi mu Kristo, era naatukozesa okumumanyisa mu bantu bona, ng'evvumbe erisaasanira wonna.*  
(2 Abakkolinso 2:14)

Oli mwetegefu okwesiga Katonda n'okugezesebwa n'okusoomoozebwa mu bulamu bwo? \_\_\_\_  
Yee \_\_\_\_ Nedda

Oli mwetegefu okukkiriza Katonda okukyusa obulamu bwo ng'ayita mu kugezesebwa kuno?  
\_\_\_\_ Yee \_\_\_\_ Nedda

Oli mwetegefu okwesiga Katonda ng'okola okuyita mu bulumi n'okugezesebwa kuno mu bulamu bwo? \_\_\_\_ Yee \_\_\_\_ Nedda

Waliwo ebiseera, Yesu bw'ayogera, Katonda lw'atasobola kukuggyako kizikiza, naye mwesige. Katonda ajja kulabika nga owomukwano atalina kisa, naye si bwe kiri; Ajja kulabika nga Taata atafaayo, naye si bwaali; Ajja kulabika ng'omulamuzi atali mwenkanya, naye si bwe kiri. Kuuma endowooza engamba nti ebirowoozo bya Katonda bili emabega w'ebintu byonna mu ngeri ennywevu era ekula. Tewali kibaawo mu ngeri yonna okuggyako nga okwagala kwa Katonda kuli emabega waakyo, n'olwekyo osobola okuwummulira mu kwesiga okutuukiridde mu ye. — Oswald Chambers, *My Utmost for His Highest (Ekyange Ekisingayo eri Oyo Asinga Obukulu)*.

### **Omuwendo Gw'obutasonyiwa**

Ebbanja bwe lisoniyibwa, eddembe ly'okusasulwa liweebwayo. Ekigambo *okusonyiwa* kitegeeza butereevu "okuwaayo." Singa omuntu annumya ne mmusonyiwa, mpaayo eddembe okwetyongera okunyiiga. Kino kimenya ebigo bingi ebivaako obuzibu mu nneewulira n'ebi'omwoyo. Okusonyiwa omuntu kitegeeza okuwaayo ebituluma eri Katonda, okumuleka okubituggyako. Mu ngeri eno tuwaayo ebirowoozo byonna eby'obusungu bye tuyinza okuba nabyo ne tumalawo ebikolwa eby'okwesasuza.

Nga Katonda bw'atusonyiwa, naffe tusonyiwa omusango. Katonda alagira tusonyiwe abalala nga bwe yatusonyiwa. Ekigambo okusonyiwa kiva mu Lulatini, *perdonare*, ekitegeeza "okuwaayo ku bwereere." Okusonyiwa okwa nnamaddala tekusaanidde, era kwa bwereere. Si kifo kyaffe okusalawo eky'obwenkanya—tuyitibwa okusonyiwa. Mu Byawandiikibwa, okwerabira kitegeeza "okuvva ku amaanyi g'omuntu."

Bwe tugaana okusonyiwa, wabaawo omuwendo gwe tulina okusasula. Obutasonyiwa, obutayagala kuleka bisobylo bwe tukkiriza nti omuntu omulala atusobeza, kivaamu embeera embi ey'enueewulira. Ekisinga okubeerawo kwe kunyiiga, ekitegeeza "okuddamu okuwulira." Obusungu bunywerera ku bulumi obwayita, ne buddamu okubuwangaaza enfunda n'enfunda.

Obusungu, okufaananko okulonda ekikuta, bugaana ebiwundu byaffe eby'ebirowoozo okuwona.

*mulabe waleme kubaawo omuntu yenna asubwa ekisa kya Katonda, era mwekuume "ekikolo kyonna eky'okukaawa" kiremenga okuloka mu mmwe, okugwagwawaza abangi; (Abaebbulaniya 12:15)*

Obukaawu bulinga ekikolo ekiwanvu ekisimbibwa mu mutima gw'omuntu, oluvannyuma ne kikula ne kibala ebibala. Kyokka, mu kifo ky'okuliisa abalala, ekibala kino ekikaawa kinoona n'abalala.

Abantu abasinga obungi tebakkiriza mangu nti batereka obutasonyiwa, obusungu, oba obukaawu kubanga bakitegeera ng'okwanukula oluvannyuma lw'okulumwa. Embeera yaabwe bagilaba ng'entuufu era banoonya abalala okuwuliriza okwemulugunya kwabwe oba okubasaasira. Abaefeso eyigiriza nti wajja kubaawo obukakafu obutagambika mu bulamu bw'omuntu ssekinnoomu nti omuti ogukaawa ogw'okunyiiga gukula munda mu mutima gwe.

*Okukaawa kwonna n'obusungu n'obukambwe n'okukaayana n'okuvuma bibavengako, awamu n'ettima lyonna. (Abaefeso 4:31 NASB)*

Waliwo ku bino ebitera okubeerawo mu bulamu bwo?

- Amalala
- Okwefuula omutuukirivu
- Okwesaasira
- Okutaataaganyizibwa mu nneewulira
- Okweraliikirira, okusika omuguwa oba situleesi
- Ebizibu by'ebiyobulamu
- Obuzibu mu kulya
- Okwekkiririzaamu mu ngeri etali nnungi
- Obutabeera na bwesige mu mukwano
- Obutabeera na mukwano mu bufumbo
- Obutakola bulungi mu by'okwegatta
- Okusala omusango oba okunenya abalala
- Entondo nga kyangu okunyiiga
- Obutabeera na mirembe oba essanyu
- Okuwulira ng'oli wala ne Yesu
- Okutya okukulembera ng'omwami
- Okutya okugoberera ng'omukyala

### Lwaki Osonyiwa?

Ng'oggyeeko okusaanyizibwawo mu nneewulira n'embeera z'abantu okuva mu butasonyiwa, tubanjibwa okusonyiwa.

### Katonda akiragira.

Okugondera Katonda si kya kwesalirawo. Okusalawo ddi lwe tunaagondera ebiragiro bye era ddi lwe tutaaagondera ebiragiro bye kituleetera obulamu obutabala bibala, obutakola bulungi, era obugumba mu by'omwoyo.

*Naye mwagalenga abalabe bammwe mubakolenga bulungi, mwazikenga nga temusuubira kubaddiza; n'empeera yammwe eriba nnyingi, nammwe muliba baana b'Oyo Ali waggulu ennyo: kubanga ye mulungi eri abateebaza n'ababi. 36Mube n'ekisa, nga Kitammwe bw'alina ekisa." (Lukka 6:35–36)*

*Awo bwe munaayimiriranga nga musaba, musonyiwenga, bwe mubanga n'ekigambo ku muntu; ne Kitammwe ali mu ggulu abasonyiwe ebyonoono byammwe. (Makko 11:25)*

### FAYIRO y'AMAZIMA

*Ekiruyi*—Obusungu obw'amaanyi, obw'okwesasuza

*Obusungu*—Embeera y'ebirowoozo emanyiddwa olw'okweraliikirira n'okukola ku kusoomoozebwa kw'obulamu n'obunyiivu.

*Okwogera obubi*—Ebigambo ebitali bya kisa, okuvuma omuntu, okuleekaana, okuvvoola, okwonona erinnya ly'omuntu olw'amawulire amabi, okuvuma, okulimirira, n'okutyoboola erinnya lye.

*Obubi*—Enneewulira ez'obukyayi ze tukuza mu mitima gyaffe. Okwagala okulaba omulala ng'abonaabona oba okweyawula ku muntu oyo, nga tetwagala kukola ku kutabagana.

Mu kusonyiwa, twetikka ekifaananyi kya Yesu.

Ng'Abakristaayo, tuyitibwa okutwala erinnya lya Kristo mu nsi eyabula. Ekigambo *Omukristaayo* kitegeeza "Kristo omuto." Kristo yayolesa okusonyiwa, n'ajja ku nsi kuno, n'afa okuteekawo okusonyiyibwa kw'abalina omusango, era n'alagira ekkanisa okulangirira okusonyiyibwa. Okusobola okwetikka ekifaananyi kye tulina okuba abeetegefu okusonyiwa abalala nga bw'atusonyiwa.

*Awo Yesu n'agamba nti, "Kitange, basonyiwe; kubanga tebamanyi kye bakola."  
Ne bagabana ebyambalo bye, nga bakuba akalulu.* (Lukka 23:34)

*ayogera ng'abeera mu ye kimugwanira naye yennyini okutambulanga era nga ye  
bwe yatambula.* (1 Yokana 2:6)

Okusonyiwa kukomya obulumi, okunenya, n'ebigo.

Okusonyiwa kuleeta okuwona eri omuntu alumizibwa era kukola ng'eddagala eriwonya obutwa bw'obusungu. Kyokka tekukola ku nsonga zonna ez'okunenya n'obwenkanya wabula kutera okusuulirira ddala ensonga ezzo. Obulumi n'okuniiga birekebwa Katonda, ate ng'okuwaayo okusonyiwa mu buwulize kireeta eddembe era kisobozesa omuntu okutandika obuggyga mu mukwano.

Amazima gano galagiddwa mu bulamu bwa Yusufu, obusangibwa mu Olubereberye 37–45. Baganda be ba mulyamu olukwe n'atundibwa mu buddu, yagaana okukkiriza ekikolo ky'obusungu okumera mu bulamu bwe. Oluvannyuma lw'emyaka nga baawukanye, famire ye bwewayadamu okusisinkana, Yusufu yawa obujulizi ku mulimu Katonda kwe yali akoze mu bulamu bwe ng'ayita mu kusonyiwa, nga lyolesebwa amannya ga batabani be.

<sup>51</sup>Yusufu n'atuumma omwana omubereberye erinnya Manase; eritegeeza nti, "Katonda anneerabizza ennaku yange yonna." <sup>52</sup>N'ow'okubiri n'amutuumma erinnya Efulayimu; eritegeeza nti, "Katonda anjalizza mu nsi ey'okubonaabona kwange." (Olubereberye 41:51–52 NASB)

Mu kitundu kino, okwerabira tekitegeeza kulekera awo kujukira. Kitegeeza "okuleka," oba okulekera awo okukiriza obulumi okufuga obulamu obuliwo kati. Okubala ebibala kwa Yusufu kwalina akakwate butereevu n'okussa obwesige bwe mu bufuzi bwa Katonda n'okusonyiwa abalala. Mu kifo ky'okukubisaamu okulumwa kwe ng'akuwulira enfunda n'enfunda (okuniiga), Yusufu yasalawo okwesiga Katonda ng'omulabirizi w'ebintu byonna ebibaawo mu bulamu bwe.

Obutasonyiwa kutusibira mu biseera eby'emabega era ne kusiba obusobozi bwonna obw'obulamu obuvaamu ebibala.

Emyaka Yusufu gye yamala mu Misiri, yakkiriza Katonda okuwonya omutima ogwali gumenyeddwa baganda be bennyini. Oluvannyuma, bwe yaweebwa omukisa, yayolesa okuwona kwe ng'ayita mu bikolwa eby'okwagala, okusonyiwa, n'ekisa eri baganda be.

*<sup>5</sup>Ne kaakano temunakuwala, so temwesunguwalira, kubanga mwantunda muno; kubanga Katonda ye yankulembeza okubawonya mmwe mu kufa. <sup>6</sup>Enjala yaakamala mu nsi emyaka ebiri; ate ekyasigaddeyo etaano, gye batagenda kulimiramu newakubadde okukungula. <sup>15</sup>Yusufu n'anywegera baganda be bona, nga bw'akaaba amaziga; n'oluvannyuma baganda be ne banyumya naye.*  
(Olubereberye 45:5, 6, 15)

Tewaaliwo kunenya era tewaaliwo kunnyonnyola kwetaagibwa, eddoboozi lyokka ery'okusaasira n'okusonyiwa. Ekkubo lyaggulwawo Yusufu ne baganda be okuddamu okukolagana batandike omukwano omupya.

*Bwatyo mu mirembe egigenda okujja alyoke alage obugagga obusinga ennyo obw'ekisa kye mu bulungi obuli gyetuli mu Kristo Yesu (Abaefeso 2:7 NASB)*

Okusonyiwa kuleeta eddembe eri bona abakwatibwako. Katonda yasumulula Yusufu, naye baganda be bandibadde batwala ennaku yaabwe mu ntaana singa Yusufu teyabasonyiwa. Tusonyiwa kubanga Katonda atusonyiwa mu Kristo. Okusonyiwa okwo kwe kumu, okutasaana era okutali kokolere, okutubanjibwa abalala. Kiwummaza omugugu ogw'okunyigiriza gwe tumanyi ng'okwesalira omusango.

Singa Yesu teyalaga kisa n'okusonyiwa aboonoonyi, ffenna twandibaddewo emirembe gyonna mu muwuwa gwo kusalirwa omusango. Yatwala ekigere ekisoka okujja gye tuli, ekyatusobozesa okutabagana naye.

## Okutabagana

Okutabagana kwe kuggyawo obulabe, okugonjoola enkaayana. Kitegeeza nti enjuyi ezitabagana edda zaali za bulabe oba nga zaayawukana. Okutabagana kwonna okutuuse ku buwanguzi kujja kuwerekerwako ekisa n'emirembe okusinga obusungu n'obutabanguko.

FAYIRO y'AMAZIMA  
*Okutabaganya— Okuzzaawo enkolagana entuufu, okugonjoola oba okumulawo obutakkaanya.*

*Okukaawa kwonna n'obusungu n'obukambwe n'okukaayana n'okuvuma bibavengako, awamu n'ettima lyonna, <sup>32</sup>era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwagananga, era nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo (Abaefeso 4:31–32)*

Okutabagana kulina okunoonyezebwa ab'omu maka n'abakkiriza abalala mu bulamu bwaffe. Mu nkolagana yaffe yonna ebweru w'embeera y'afamire zaaffe, ensalo ezissa ekitiibwa n'okukuma omukwano omulungi kikulu.

Naye waliwo ebisera oba embeera ezimu nga okutabagana tekyetaagisa, nga tekusoboka, oba n'okwetaagibwa, gamba ng'omuzadde atulugunya oba eyali omwagalwa wo oba omuntu yena eyakulumya oba omwagalwa wo (omulisa mmanyi, omutamiivu eyakosa oba eyatta omuntu wo, omusomesa oba omutendesi omukadde eyakukosa mu bigambo, n'ebirala).

Ebyawandiikibwa bitulagira okuggyawo obusungu bwonna, okubeera ab'ekisa, ab'omutima omugonvu, era abasonyiwa.

Tuggyawo tutya obukaawu?

---

---

---

Tutabagana tutya n'omuntu gwe twanyiiza?

---

---

---

Tuddaabiriza tutya obulumi bwe tutuusizza ku balala?

---

---

---

Tusonyiwa tutya omuntu atunyiizizza?

---

---

---

Tuyinza tutya okukyusa enneewulira yaffe ku kibi ekikoleddwa?

---

---

---

### **Bwoba Weetaaga Okusonyiyibwa**

Ng'ekikolwa ky'okualawo kwo, olina okukola ebintu bina.

Okusooka okwatula ekibi kyo eri Katonda, musabe akusonyiwe, era saba Omwoyo we Omutukuvu ajuze omutima gwo okwagala kwe.

<sup>1</sup>*Wa mukisa oyo asonyiyiddwa ekyonoono, n'aggyibwako ekibi kye. . .*

<sup>3</sup>*Bwe nnasirikiranga ekibi kyange,*

*naggweeramu ddala amaanyi,*

*Olw'okukaaba kwange obudde okuziba.*

<sup>4</sup>*Kubanga wambonerezanga emisana n'ekiro,*

*Amaanyi gange ne ganzigweramu ddala ng'amazzi bwe gakalira mu kyeya.*

*(Seera)*

<sup>5</sup>*Ne nkwalulira ekibi kyange, n'obutali butuukirivu bwange ne ssibukweka. (Zabbuli 32:1, 3–5)*

*Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omatuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu. (1 Yokana 1:9)*

Ebuvanjuba n'ebugwanjuba bwe biri ewala,

Bw'atyo bw'atuggyako ebyonoono byaffe, ne bitubeera wala (Zabbuli 103:12)

Twala akaseera kano okaabirire Katonda. Musabe akusonyiwe, akujjuze Omwoyo we Omutukuvu, era akunyweze okugondera.

Katonda yekka yasonyiwa ebibi. Asonyiwa era yeerabira. Olw'okukkiriza, kkiriza okusonyiyibwa kwa Katonda okujjuvu n'okutukuzibwa.

Okusonyiwa si nneewulira. . . Okusonyiwa kikolwa kya kwagala, era ememe esobola okukola awatali kulowooza ku bbugumu ly'omutima. —Corrie ten Boom

Ekyokubiri, bwe kiba kisoboka, genda eri abo be wasobya, mu bwetoowaze obatulire, era obasabe okusonyiyibwa.

*Kale, bw'obanga oleese ssaddaaka yo ku kyoto, bw'osinzira eyo n'omala ojjukira nga muganda wo akuliko ekigambo ky'akwemulugunyiza, <sup>24</sup>leka awo ssaddaaka yo mu maaso g'ekyoto, oddeyo, osooke omale okutagabana ne muganda wo, olyoke okomewo oweeyo ssaddaaka yo. (Matayo 5:23–24)*

Wandiika okweyama kwo okugondera Matayo 5:23–24.

Wandiika amannya n'okunyonyola mu bufunze ebyo byewetaaga okwogerwa okusobola okusonyiyibwa.

---

---

---

---

---

---

Ebigambo mukaaga ebisinga amaanyi mu lulimi Olungereza bye bino, "nnali mukyamu. Bambi nsaba onsonyiwe."

Toleka biwugulaza oba ebiziyiza ebirala kulwawo kikolwa kino eky'obuwulize. Gabana okusalawo kwo ne mukwano gwo Omukristaayo eyeesigika, omusabe okusaba naawe era akubanje okuvunaanibwa okugoberera obweyamo buno. Kirungi okunoonya okusonyiyibwa maaso ku maaso. Wabula olw'ebitagisa mu nteekateeka oba okulwanagana okuyinza okubaawo, oyinza okwetaaga okuwuliziganya ku ssimu oba mu buwandiike. Omuntu gw'osobezza bw'aba yafa, genda eri Katonda n'okwatula kwo.

Ekyokusatu, Twala ekiseera buli lunaku ne Mukama mu kigambo kye ne mu kusaba.

Ekimu ku bantu ebingi ebibi ebiva mu butanoonya oba okusonyiwa kwe kulemesebwa mu nkolagana ne Katonda. Mukama mutendereze nti tatuvaako wadde okutuleka, naye emitima gyaffe gyennyni giyinza okunnyogoga ne gibeera ewala, bwe kityo ne kikosa enkolagana yaffe ey'oku lusegere naye. Katonda yateekateeka ekivvamu kino okutukubiriza okusonyiwa.

*Naye musooke munoonye obwakabaka bwe n'obutuukirivu bwe; era ebyo byonna mulibyongerwako* (Matayo 6:33)

Wandiika okusalawo kwo okumala obudde ne Katonda buli lunaku ng'osoma Ekigambo kye ne mu kusaba n'okufumiitiriza.

---

---

---

---

---

Eky'okuna, fumiitiriza ku makulu g'omusaalaba ne ssaddaaka Yesu gye yawaayo olw'ebibi byo.

*Kubanga era naffe edda twali basirusiru, abatawulira, abalimbibwa, nga tuli baddu ba buli kwegomba okubi, n'ebinyumu ebitali bimu, nga tuli ba ttima era ab'obuggyga, nga tukyayibwa abantu era nga tukyawagana ffekka na ffekka. 4Naye obulungi n'okwagala okw'ekisa okwa Katonda Omulokozi waffe bwe byalabika, (Titos 3:3–5)*

Twala akaseera kati okwebaza Yesu olw'ebyo byonna by'akukoledde, olw'okukusonyiwa ebibi byo byonna, olw'enteekateeka ye etuukiridde ey'okukukyusa mu kifaananyi kye, n'olw'ekirabo ky'Omwoyo we Omutukuvu.

### **Bw'oba Weetaaga Okusonyiwa**

Ng'ekikolwa ky'okusalawo, olina okukola ebintu bibiri.

Okusooka, saba Katonda amaanyi okugondera n'okusonyiwa.

*Yesu n'addamu n'abagamba nti, "Mazima mbagamba nti Bwe munaabanga n'okukkiriza, nga temubuuusabuusa, temuukolenga kino kyokka eky'omutiini, naye bwe muligamba olusozi luno nti Situlibwa osuulibwe mu nnyanja, kirikolebwa (Matayo 21:21)*

Katonda yatusuubiza okutuwa amaanyi okujjavo ensozi. Luno luyinza okuba nga lwe lusozi lwo olwa Everest!

Buli lwe nneeraba mu maaso ga Katonda ne ntegeera ekintu ku Mukama wange ow'omukisa by'ankoledde e Kalvario, mba mwetegefu okusonyiwa omuntu yenna ekintu kyonna, sisobola kukiziyiza. Saagala na kukiziyiza—Dr. Martyn Lloyd-Jones

Tukimanyi nti Katonda ayagala tusonyiwe abalala. Beera mukakafu nti bw'onoosaba amaanyi gano, gajja kuwebwa.

Ekyokubiri, tegeeza omuntu oyo oba abantu abo okusonyiwa kwo.

*Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira. (1 Yokana 5:14)*

*Kale bwe kityo tugobererenga eby'emirembe, n'ebi'okuzimbagananga fekka na fekka. (Abaruumi 14:19)*

## Okwagala Okutabagana

Mu Matayo, Mukama waffe Yesu yabuuzibwa ekibuuzzo ekikulu. "Omuyigiriza, etteeka ki erisinga obukulu mu mateeka?" (Matayo 22:36). Eky'okuddamu kye kyalaga amazima amakulu: 37Yesu n'amuddamu nti, "Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna. Kino kye kiragiyo ekikulu eky'oluberebere. N'eky'okubiri ekikifaanana kye kino nti Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka. Mu biragiyo bino byombi amateeka gonna mwe gasinziira, era ne bannabbi. (Matayo 22:37–40). Yesu yennyini yagamba nti okwagala kwaffe eri abalala kikulu kyenkanyi n'okwagala kwaffe gy'ali.

Twagala Katonda atusonyiwe, era kino tukisaba buli kiseera era ne twesigama ku kyo. Katonda atulaga okwagala kwe, era tulina okuddamu nga tusooka kumwagala ate oluvannyuma ne twagala abalala. Olunyiriri luno terukubiriza kwagala okwanditutadde mu kukontana n'okwegomba kwa Katonda oba by'ayagala gye tuli, naye lugamba nti okwagala kwonna kwe tulaga eri abalala kulina okuba mu buwanvu bw'okumugondera. Tetulina kussa kwegomba kwaffe oba okwagala okumatiza abalala okusinga obuwulize bwaffe eri Katonda.

*naye nange mbagamba nti buli muntu asunguwalira muganda we, aba azizza omusango; n'oyo anaagambanga muganda we nti Laka, asaanidde okutwalibwa mu lukiiko, ate anaagambanga muganda nti, 'Musirusiru,' asaanidde okusuulibwa mu muliro gwa Ggeyeena. (Matayo 5:22)*

Ka twongere okutuleeta okutegeera ku bigambo ebiri mu lunyiriri luno. 'Okusunguwalira muganda we' kitegeeza okuyisa omuntu mu birowoozo, mu bigambo, oba mu bikolwa mu ngeri etalaga kwagala. N'abakkiriza bayisa abaagalwa baabwe mu ngeri etali yakwagalwa era ne beekwasa okusinga okunoonya okutabagana.

Ekigambo *Laka* kitegeeza "okunyooma omuntu, okumusalira omusango, oba okumukkiriza nti talina mugaso oba mutono okusinga ggwe mu ngeri emu." Ekigambo *omusirusiru* kitegeeza "oyo atalina mugaso mu mpisa era atagwanidde kulokolebwa." Bino misango gya maanyi abakkiriza bangi gye baluubirira abalala olw'ensonga emu oba endala. Mukama agamba nti, "kubanga mwagulibwa na muwendo, kale mugulumizenga Katonda mu mubiri gwammwe, egya Katonda" (1 Abakkolinso 6:20).

Tulina okugulumiza oba okwoleka Kristo eri bona awatali kutiliza. Ebirowoozo oba enneeyisa eri abalala ezitali za kwagala oba ezitali za Kristo sizakwekwasa era zeetaaga okwenenya eri Katonda n'omuntu oyo.

*Kale, bw'obanga oleese ssaddaaka yo ku kyoto, bw'osinzira eyo n'omala ojjukira nga muganda wo akuliko ekigambo ky'akwemulugunyiza, <sup>24</sup>leka awo ssaddaaka yo mu maaso g'ekyoto, oddeyo, osooke omale okutagabana ne muganda wo, olyoke okomewo oweeyo ssaddaaka yo.* (Matayo 5:23–24)

Tugenda ddi ku kyoto? Kino kitegeeza okussa ekimu kwaffe ne Yesu, ebiseera byaffe mu kusaba n'okwebaza n'okumusaba mukwegayirira, ebikolwa byaffe ebya buli lunaku eby'okwewaayo n'okwagala okubeera mu ye.

*Nze muzabbibu, mmwe matabi: abeera mu nze, nange mu ye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali nze temuliiko kye tuyinza kukola.* (Yokana 15:5)

*Okubeera* kitegeeza “okubeera naye, okubeera mu kutegeera buli kiseera nti ndi yeekaalu y’Omwoyo Omutukuvu.” Era kigamba nti bwe tunaakikola, tujja kubala ebibala bingi; kubanga awatali kisa kye tetusobola kukola kintu kyonna. Okugenda ku kyoto kitegeeza okussa ekimu ne Yesu n’obusobozi bwaffe okufuna ekisa ekyetaagisa okubala ebibala n’okugondera by’ayagala.

### **Okwekebeija Obulamubwo**

Bwe tubanjibwa omuntu okusonyiyibwa, oba nga ya kisabye oba nga ffe abakisazewo, Katonda agamba nti kino tulina okusooka okukirongoosa nga tetunnasuubira mukisa gwe n’ekisa kye. Birabo ki eby’okuleeta mu Matayo 5:23? Okuleeta ssaddaaka mu yeekaalu yali nkola ya bulijjo eri Abayudaaya ng’ekitundu ky’okutangirira ebibi byabwe. Ebirabo byaffe leero kwe kutendereza, okumuwa ekimu eky’ekkumi, okusinza, okugondera Mukama n’okumuweereza. Naye Yesu yagamba nti tajja kufuna birabo bino singa waliwo omuntu yenna akubanja okutabagana.

*Samwiri n’ayogera nti, "Mukama asanyukira ebiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka okwenkana nga bw’asanyukira okugondera eddoboozi lye? Laba, okugonda kusinga ssaddaaka obulungi, n’okuwulira kusinga amasavu g’endiga ennume.* (1 Samwiri 15:22)

Okuweereza Katonda n’okukolera Katonda tebijja kutereeza kizibu kino. Tukubirizibwa okwekebeija obulamu bwaffe nga tetunnakwata kusembera ku m meeza Ya Mukama waffe.

<sup>26</sup>*Kubanga buli lwe munaalyanga ku mugaati guno ne lwe munaanywanga ku kikompe, munaayolessanga okufa kwa Mukama waffe okutuusa lwlalija.*

<sup>27</sup>*Kyanaavanga azza omusango ogw’omubiri n’omusaayi gwa Mukama waffe buli anaalyanga ku mugaati oba anaanywanga ku kikompe kya Mukama waffe nga tasaanidde.* <sup>28</sup>*Naye omuntu yeekeberenga yekka alyoke alyenga ku mugaati*

*bw'atyo, era anywenga ne ku kikompe.* <sup>29</sup>Kubanga buli alya era anywa nga tategeera makulu ga mubiri, aba yeosalira yekka omusango okumusinga. <sup>30</sup>Mu mmwe kyemuvudde mubeeramu abangi abanafu n'abalwadde, era bangi na bafudde. <sup>31</sup>Naye singa tusooka okwesalira omusango fekka, tetwandisaliddwa musango. <sup>32</sup>Naye Mukama bwa tusalira omusango, atukangavvula, tuleme okusingibwa omusango awamu n'ensi. (1 Abakkolinso 11:26–32)

Emirundi emeka Abakristaayo gye basembera nga tebasoose kwenneenya mitima gyabwe okulaba oba baba bakumye obusungu oba nga baakosa omuntu ne bateenenya oba nga tebategese kutabagana?

*Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna, wabula okwagananga; kubanga ayagala muntu munne, ng'atuukirizza amateeka.* (Abaruumi 13:8)

### FAYIRO yAMAZIMA

*Okutabagana— Okutereeza ebintu; okukyusa enneewulira oba endowooza y'omuntu eri omulala; oba okusasula ebbanja eribanjibwa.*

### Ebbanja Eribanjibwa.

Ng'Abakristaayo tulina ebbanja lye tulina okusasula Katonda yennyini ly'agamba nti tulina okusasula abalala: okubaagala mu birowoozo, mu bigambo, ne mu bikolwa. Kuno kw'ogatta n'okusonyiwa abo abatulumya. Abakristaayo bangi bakuma obukaawu, obusungu oba obutasonyiwa omuntu era ne balaga obutuufu bw'enneewulira zino kubanga omuntu ono tannasasulira nsobi ye oba okutwala obuvunaanyizibwa ku nneeyisa ye. Naye tujja kulumizibwa abalala, n'abo abateekeddwa okutwagala, oba mu butamanya oba mu bugenderevu.

Ekigambo *sonyiwa* kigambo kikozi—kikolwa. Katonda akozesha Ekigambo kye okwogera naawe mu kiseera kino, ng'abikkula amazima ageetaagisa okukola. Okusonyiwa si kyangu. Kiyinza okuyamba okunoonya obuwagizi n'obuvunaanyizibwa bw'Omukristaayo akuze mu by'omwoyo okukukubiriza okulaba nti otukuriza akikolwa kino.

Wandiika okwewayama kwo okusonyiwa omuntu oba abantu oba okusaba okusonyiyibwa olw'ebyo Katonda bye yakubikkulira. Weewe nsalessale gy'olina otukuriza akikolwa kino.

---



---



---



---



---



---

"*Kubanga bwe munaasonyiwangaabantu ebyonoono byabwe, nammwe Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga.*" (Matayo 6:14)

Mu mbeera ezimu, olw'ontekateeka eyetagisa, ssente z'entambula, obukuumi gy'oli, oba obusobozi bw'omuntu omulala okusirika ekiseera ekimala okukuleka okwogera ky'olina okwogera, ebbaluwa, email, obubaka bw'okusimu oba okukuba essimu ziyanza okuba emikutu egisinga obulungi.

### **Byolina Okujjukira Mu By'Empuliziganya**

Ensonga zino zikuumu mu birowoozo ng'oyogera oba ng'owuliziganya mu buwandiike.

1. Kino okikola olw'okugondera Kitaawo ow'omu ggulu, akwagala era akufaako.
2. Ayagala ove mu buddu n'okunyigirizibwa kw'obadde oyitamu nga kiva ku butasonyiwa.
3. Teweetaaga kunyonyola buli kantu akalaga nti bakusobya.
4. Emirundi mingi naddala ng'asonyiwa omwagalwa wo mubufumbo, ayinza obutamanya ky'akoze okukulumya.
5. Towaliriza balala kukkiriza misango gyabwe.
6. Katonda akuyise okumugondera, so si kubeera munnamateeka avunaana, omulamuzi, oba okugezaako okubaleetera okwatula nti bye baakola bikyamu.
7. Kikuume nga kimpi.
8. Emirundi mingi, olw'enneewulira ey'amaanyi, tusobola okwesanga nga twogedde ebintu bye tutagenderera kwogera ne tutyoboola ekigendererwa ky'olukiiko, embooz, oba ebbaluwa.
9. N'ekisembayo (bwe kiba nga kituufu), saba okusonyiyibwa olw'okubasibira obusungu.
10. Jjukira nti bayinza okuba nga byebaakola byali bikyamu era nga binyiiza, naye obukaawu n'obutasonyiwa kyenkanyi bikyamu.

*ku lunaku olwo, okusinziira ku njiri yange, Katonda asala omusango gw'ebayama by'abantu ku bwa Yesu Kristo.* (Abaruumi 2:16)

*Kyova olema okubeera n'eky'okuwoza, ggwe omuntu, kyonna kyoli, bw'osalira omulala omusango; kubanga mu kusalira abalala omusango, naawe oba ogwesalidde okukusinga; kuba bo bye bakola, naawe agusala by'okolera ddala.*  
(Romans 2:1)

Ekigero kye nsobola era kye ndi omwetegefu okusonyiwa abalala kiraga bulungi ekigero nze kennyini kye nnalaba Katonda Kitange okunsonyiwa. —**Phillip Keller**

## Okukuumma Obweyamo Bwo obw'Okusonyiwa

Oyinza okusanga olutalo wakati w'Omwoyo n'omubiri ng'omaze okusaba okusonyiyibwa oba okusonyiwa omuntu omulala.

<sup>22</sup>Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, okusanya, emirembe, okugumiikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza, <sup>23</sup>obuwombeefu, okwegendereza: ku biri ng'ebyo tewali mateeka. <sup>24</sup>N'abo aba Kristo Yesu baakomerera omubiri wamu n'omululu gwagwo n'okwegomba kwagwo.

<sup>25</sup>Bwe tuba abalamu ku bw'Omwoyo, era tutambulenga ku bw'Omwoyo.

26Tuleme okwenyumirizanga obwerefere, nga twesunguaza fekka na fekka, nga tetukwatibwa buggya fekka na fekka. (Galatians 5:22–26)

Obumanyirivu bw'okusonyiwa bujja kukukyusa ne bokolagana n'aabo okumala ekiseera. Katonda afunye obuwanguzi obw'amaanyi mu bulamu bwo, okuktuusa mu kifo kino eky'okwewaayo n'obuwulize. Naye eno ntandikwa yokka. Kati olina okufuba okulaba nti oyita mu nkyukakyuka ezeetaagisa. Kino kijja kwetaagisa okunoonya Katonda buli lunaku olw'amaanyi ge okweyongerayo mu kkubo lyo ery'okusaasira n'okukwatibwa ekisa.

Ng'ekyokulabirako, oyinza okuba nga wasonyiwa omuzadde olw'okuba omukambwe era nga takwagala nnyo era n'omusaba akusonyiwe olw'okukuumma obusungu. Naye bayinza okweyongera okuba abakambwe era nga tebalina kwagala. Mubuntu oyinza okwagala okweyisa mu ngeri gye weeyisaamu edda. Katonda ajja kuba mwesigwa okubaala ebibala bye mu bulamu bwo nga bwewewaayo gy'ali buli kisera.

*<sup>12</sup>Kubanga tetumeggana na musaayi na mubiri, wabula n'abaamasaza, n'ab'obuyinza, n'abafuga ensi ab'omu kizikiza kino, n'emyoyo egy'obubi mu bifo ebya waggulu. (Abaefeso 6:12)*

Olina okukijukira nti obuwulize bwo mu kusonyiwa tebwagenderera nti munno (oba omuntu omulala) an'akyuka. Bwebewaayo eri Mukama, bajja kulaba ekisa kya Katonda, okuwonyezebwa, n'obusobozi bw'okukyuka. Katonda yekka y'asobola okukyusa emitima gyaffe n'okuzza obuggyga ebirowoozo byaffe, naye kijja kubaawo nga *twewaayo* gy'ali.

Tuli mu latalo olw'omwoyo buli lunaku. Omulabe, Sitaani, tayagala ogondera Katonda oba obeere n'obuwanguzi ku kibi ne ku bukosefu. Ajja kulumba ebirowoozo byo n'ebijjukizo, ebirowoozo ebibi, obulimba, ebikemo, n'okusalirwa omusango. Olina okwefuga mu birowoozo n'okujjukira kiki n'ani gw'olwanyisa!

Musunguwalenga so temwonoonanga, enjuba eremenga okugwa nga mukyalina obusungu, Zab 4:4, Yak 1:19,20<sup>27</sup>so temuwanga bbanga Setaani. (Abaefeso 4:26–27)

Eno y'ensonga entuufu gye tubeeramu. Sitaani tayagala kufirwa mu bulamu bwo. Ayagala okukunyagulula emirembe n'essanyu lya Katonda.

### **Okuzikiriza kwa Sitaani**

Lekera awo okuwa sitaani emikisa okukola okuzikirizibwa kwe mu bulamu bwo. Gezesu buli kirowoozo ekiyingira mu birowoozo byo n'Ekigambo kya Katonda olabe oba kiva gy'ali, mu mubiri gwo, oba kiva wa Mulabe.

*<sup>3</sup>Kuba newakubadde nga tutambulira mu mubiri, tetulwana kugobereranga mubiri, <sup>4</sup>kubanga eby'okulwanyisa eby'entalo zaffe si bya mubiri, naye birina amaanyi agava eri Katonda olw'okusaanyawo ebigo. <sup>5</sup>Tusaanyaawo empaka na buli kintu ekigulumivu ekikulumbazibwa okulwana n'okutegeera kwa Katonda, era nga tujeemulula buli kirowoozo okugondera Kristo. <sup>6</sup>Tweteeseteese okubonereza obutagonda bwonna, okugonda kwammwe lwe kulituukirira.* (2 Abakkolinso 10:3–6)

Eky'enkomerero, ab'oluganda, oba nga waliwo eby'amazima byonna, ebisaanira ekitiibwa byonna, eby'obutuukirivu byonna, ebirongoofu byonna, ebyagalibwa byonna, ebisiimibwa byonna; oba nga waliwo obulungi, era oba nga waliwo ettendo, ebyo mubirowoozenga. (Abafiripi 4:8)

Saba mu buli kukemebe, ng'osaba amaanyi ga Katonda okukola by'ayagala.

*Towangulwanga bubi, naye wangulanga obubi olw'obulungi.* (Abaruumi 12:21)

*Era Katonda ow'okusubirwa abajuze mmwe essanyu lyonna n'emirembe olw'okukkiriza, mmwe musukkirirenga mu kusuubira, mu maanyi ag'Omwoyo Omukuku.* (Abaruumi 15:13)

Ziyiza era nnenya sitaani mu linnya lya Yesu. Lwaana!

*Olabo ne Mikaeri, malayika omukulu, bwe yali akaayana ne Setaani ku mubiri gwa Musa, teyayaŋŋaanga ku muvuma, naye yagamba nti, "Mukama akunenye."* (Yuda 1:9)

*Kale mwewombeekenga wansi w'omukono ogw'amaanyi ogwa Katonda. . . Musindiikiririzenga ku ye okweraliikirira kwammwe kwonna, kubanga ye ateeka*

*ku mwoyo ebigambo byammwe... omulabe wammwe Setaani atambulatambula, ng'empologoma ewuluguma, ng'anoonya gw'anaalya. Oyo mumuziyizenga nga muli banywevu mu kukkiriza kwammwe.* (1 Peter 5:6–9)

<sup>10</sup>nkisonyiye ku lwammwe mu maaso ga Kristo. <sup>11</sup>Setaani alemenga kutwekulumbalizaako; kubanga tetuli ng'abatategeera nkwe ze. (2 Abakkolinso 2:10–11)

Katonda ayagala obeere muwangizi. Beera mwegendereza obukodyo bwa sitaani. Obutasonyiwa bwe bumu ku bukodyo bwe obw'amaanyi obw'okutukumira mu buddu. Yesu yalaga obukulu bw'okukozesa Ebyawandiikibwa okulwanyisa obulimba bwa Sitaani. (Matayo 4:4, 7, 10).

Teekawo enteekateeka yebyo byogenda okukola ng'okozesa ezimu ku nnyiriri waggulu, oba ennyiriri ennyingi mu ssomo lino, okulwanyisa ebirowoozo ebitali bya Baibuli n'okuteeka ebirowoozo byo ku ndowooza ya Katonda. Wandiika olunyiriri ku kaadi era olukwate mu mutwe ng'otambula ne kaadi eyo era ng'ogyekenneanya ku makya n'ekiro. Weeyongere okugatta ku bikozesebwa byo eby'obuwangizi ng'okwata ennyiriri mu mutwe. Nga bw'osabira mu bywandikibwa n'okubikwata mu mutwe, oba okwese Ekigambo kya Katonda mu mutima gwo (Zabuli 119:11). Buno bujja kuba buwangizi bwo.

Jjuliza Ebyawandiikibwa okudda mu kifo ky'ebirowoozo ebibi, okunyweza amazima ga Katonda, era yanukula Omulabe nga Yesu bwe yakola. Sitaani bwe yaleetera Yesu eby'obulimba, yagamba nti, "Kyawandiikibwa" (Matayo 4:4, 7), era n'ajuliza Ebyawandiikibwa. Naffe tulina okukola bwe tutyo. Amazima gajja kufuga bulijjo.

### **Okuteekawo Ensalo**

Oyinza okwetaaga okuteekawo ensalo. Okusaba okusonyiyibwa oba okusonyiwa omulala tekiwa muntu oyo ddembe kukuyisa mu ngeri etyoboola ekitibwa kyo oba okuba okukakambuwalira.

Singa maama wo yali mukambwe oba ng'akukozesa obubi ng'okula n'asigala nga okuyisa bwatyo ng'omaze okusenguka, olina okuteekawo ensalo mu mukwano gwammwe (olvannyuma lw'okumusonyiwa). Mubwewonbefu munnyonnyole nti oyagala omukwano naye naye olina okussaawo ensalo obutakulumya. Oboolyawo oyinza okugattako nti, "Maama, weetaaga okwogera nange mu ngeri ey'okwagala, era nsuubiza okukukola kye kimu. Singa omu ku ffe ayogera ekintu ekitali kya kisa, tulina okulaga nti omu okuffe akoseza munne. Oba bwe tuba twagala obutayogera ku nsonga emu, tulina okussa ekitiibwa mu ekkyo. Singa ensalo ezo tezissibwamu kitibwa, olwo nja kumaliriza okukubaganya ebirowoozo. Maama, engeri

yokka gye tuyinza okumanya mu butuufu nti twagala okubeera n'omukwano y'engeri gye twagalananamu n'okuwangana ekitiibwa."

### **Abatasobodde Kutabagana**

Oluusi tekisoboka kutabagana. Omuntu gw'olina okusonyiwa bw'aba afudde oba nga tayagala kutabagana, okyayinza okumusonyiwa.

Obukaawu mu mutima gw'omuntu buwangaala oluvannyuma Iw'ekiseera ekiwanvu ng'ekintu eky'avako bukaawu kifudde. Kikulu okutwala okusonyiwa ng'eddagala ery'amaanyi eriwonya emmeeme y'omuntu okuva mu embeera z'abantu ezitali nnungi. Bw'osalawo okwesiga Katonda n'ofuna "eddagala" lino, Katonda ajja kuleeta okuwona era n'okujjuza ebituli ebyo mu mwoyo gwo. Okufa kw'oyo asobezza tekufuula Kigambo kya Katonda obutaliimu.

Kyo kituufu nti okusonyiwa mu Baibuli kyetaagisa okubaako kye tukola. Tulina okukola ekisingawo ku kukkiriziganya mu birowoozo oba mu mitima gyaffe nti tusaanidde okusonyiwa. Bayibuli tetulagira kuwulira buwulizi ng'abaagala okusonyiwa. Tulina okussa munkola okwagala kwaffe n'okugoberera ebikolwa byaffe

Olina okutandika n'okwatula eri Mukama. Kiyamba nnyo singa oyogera okwatula kwo mu ddoboozi ery'omwanguka era n'oyogera mu bigambo okusonyiwa omugenzi mu maaso ga mukwano gwo gwe weesiga, munno mu bufumbo, omusumba oba omubuulirizi.

FAYIRO y'AMAZIMA  
Yatula —Okukkiriza oba  
okulaga ekikolwa ky'omuntu  
ekibi, ensobi, oba ekibi kye.

### **Obuvunaanyizibwa Bwo**

Ovunaanyizibwa ku kitundu kyo kyokka eky'okutabagana. Kebeere ndowozaki munno gy'alina (oba omuntu omulala), olina okugondera Katonda ng'osaba okusonyiyibwa n'okusonyiwa. Singa bagaana okukusonyiwa, oba ne batakkiriza nsobi yaabwe gy'oli, Katonda ajja kukuwa omukisa olw'obuwulize bwo n'okufuka emirembe gye, ekisa kye, n'okusaasira kwe ku bulamu bwo. Ojja kufuna eddembe lye okuva mu buddu.

Tosobola kuteeka kintu kyonna ky'osuubira oba ekyetaagisa ku munno. Byonna biweyo eri Mukama era mwesige okukola mu mbeera zo. Tetulina kwesigama ku kutegeera kwaffe wabula okugondera n'okwewaayo eri Katonda n'ebyo by'ayagala. Atuwadde amateeka ag'ebi'omwuyo agatufuga, okutukuma, n'okutusumulula. Ekigambo kye kituwa okutegeera n'okulambika ku ngeri y'okugoberera amateeka gano. Omubiri gwaffe, amalala, n'okutya bijja kutulemesa okwesiga Katonda n'okugondera Katonda mu mbeera zino, naye okuyita mu maanyi g'Omwoyo Omutukuvu, tusobola okuwangula.

Weesigenga Mukama n'omutima gwo gwonna.

So teweegamanga ku kutegeera kwo ggwe.  
⁶Mwatulenga mu makubo go gonna,  
Naye anaaluŋŋamyanga olugendo lwo. (Engero 3:5–6)

Kozesa essaala eno wammanga okukuluŋŋamyam:

Mukama Yesu, nsaba amaanyi okukwesiga mu mbeera zino. Nnyamba okujukira nti kino nkikola ku lulwo. Nkimanyi Ggwe wekka asobola okumponya n'omwagalwa wange olw'ekikyamu kye twakola buli omu. Nsaba okutabagana ne munnange naye nkimanyi nti nsobola okukola ogwange gwokka. Nsabira munnange okwewaayo gy'oli olyoke ogulumizibwe. Nkwesigira ddala n'ebinavaamu. Mu linnya lya Yesu nsaba. Amiina.

### **Mu bufunze**

Kiyinza okuba ekizibu ennyo okusonyiwa, naye obulamu buba buzibu nnyo bwe tutasonyiwa kubanga tuba tутерека ekibi era nga tusubwa Yesu bye yatukolera ku musaalaba. Obumanyirivu bwaffe ku kusonyiyibwa kwa Katonda kukwatagana butereevu n'obusobozi bwaffe okusonyiwa abalala. Okwetegekera okusonyiwa abalala kye kimu ku biraga nti ddala weenenyeza ekibi kyo, n'owaayo obulamu bwo, era n'ofuna okusonyiyibwa kwa Katonda. Omutima ogwewaddeyo eri Katonda teguyinza kuba mutima mukalubo eri abalala.

Amalala n'okutya bitulemesa okusonyiwa n'okutabagana. Okugaana okwewaayo oba okumenyeka, okunywerera ku ddembe lyo, n'okwewozaako byonna biraga nti amalala ag'okwefako ge gafuga obulamu bwo, okusinga Mukama. Bw'ekiba ng'okutya kwe binaddirira kukumalawo n'okukufuga, saba okukkiriza okwesiga Katonda n'okumugondera. Abalabe ba bbeeyi nnyo okukuumma. Olugero mu Matayo 18:21–35 lulabula nti omwoyo ogutasonyiwa gujja kukuteeka mu kkomera ery'enneewulira.

*Omuntu asooka era emirundi mingi oyo yekka awonyezebwa kulwokusonyiwa ye  
muntu okusonyiwa. . . . Bwe tusonyiwa mu mazima, tusumulula omusibe ate ne  
tukizuula nti omusibe gwe twasumulula ye ffe.—Lewis Smedes*

## Ekyongerezeddwako Q: Okwekebeera Mu Bufumbo

Oluvannyuma lw'okuyiga enteekateeka ya Katonda n'ebigendererwa by'obufumbo bwammwe, ojja kusigala ng'ofuna obuzibu. Oyinza okwebuuza oba ddala enteekateeka ye ekola, oba oyinza okugwamu amaanyi kubanga munno takolagana nawe. Kino bwe kibaawo, totya wadde okutunuulira enkola z'ensi. Toddha mu mpisa enkadde. Mu kifo ky'ekyo, kozesa okunoonyereza kuno okumanya ensibuko y'ekizibu, oluvannyuma weekenneenyenno eziri mu buli kitabo.

### Omusingi gwo ogw'Eby'Omwoyo

- Obulamu bwo obw'okubeera mu maaso ga Katonda bubeera butya? Soma Zabbuli 1:1–3. Wandikozesezza ebigambo gamba ng 'okusinza, okuwuliriza, okwebaza, okweyanjula, oba okwegayirira okwogera ku ngeri gy'onyumyamu ne Katonda buli lunaku?
- Osoma era n'ofumiitiriza ku Kigambo kya Katonda buli lunaku mu kasirise?
- Weesiga Katonda olw'eb'y'enfuna by'olina era n'owaayo ekimu eky'ekkumi buli kiseera?
- Ebantu by'okulembeza mu bulamu bituukana n'ebyo Katonda by'ayagala eri ggwe n'ab'omu maka go?
- Ebibala by'Omwoyo birabikira mu bulamu bwo (Abaggalatiya 5:22–23)?

Olina okwesigama ku Mukama. Ekikulu tekiri mu nkola zammwe wabula mu nkolagana ne Katonda. Weekenneenyenno omuzingo 1, *Omusingi ogw'amaanyi*, bw'oba okyabulamu mu kitundu kino.

### Empuliziganya Ey'okwagala

- Owuliriza bulungi munno? Ddamu wetegereze Eky'ongerezedwako E: *Okwekenenya Okuwuliriza Okulungi*.
- Obadde oyanukula omwagalwawo mu mubiri oba mu kwagala?
- Waliwo ebantu bye weetaaga okulongoosaamu mu mpuliziganya yo oba okwetonda eri munno mu bufumbo? Wekenneenyenno "Okwagala Kye Ki," okusangibwa mu muzingo 2, essomo 2–4, ebilambidwa 1–9.
- Wetaaga okukomya empuliziganya etali ya kwagala? Ddamu wetegereze Eky'ongerezedwako G: Okumenya olujegere.

Okuwuliziganya n'omwami wo kiraga nti wa mugaso nnyo gy'oli. Wetegereze Omuzingo 2, *Okwagala Kye Ki*, bw'oba okyabulamu mu nsonga eno.

### Okutuukiriza Ebyetaago bya Munno

- Otuukiriza ebyetaago bya munno eby'enjawulo? Wekenneenyenno omuzingo 3, *Ebyetaago eby'enjawulo*.

- Engeri esingayo obulungi ey'okukulemberamu oba okugonda kwe kuba eky'okulabirako. Okola otya?
- Mukolera wamu ne munno mu bufumbo era buli omu awagira munne?
- Sitayiro yo ey'obukulembeze eri etya?
- Otera okusabira munno n'okusaba naye?
- Otuukirizza obwewayamo bwo obw'okuyiga Baibuli nga famire buli wiiki?
- Otuukiriza ebyetaago bya munno eby'okwegata? Wetegereze omuzingo 4, *Okumattizibwa mu Kaboozi*.
- Obukulembeze bw'obwa Katonda tebuterede mu maka go? Wekenneenyne omuzingo 5, *Obukulembeze bw'obwa Katonda*.
- Weetaaga okwongera okubeera omuyigirizwa mu kukuza abaana, mu by'ensimbi, oba mu kitundu ekirala? Genda FDM.world okufuna ebirala.

Katonda akwagala era ayagala omwagalwa wo. Mulina okumwesiga. Takuwadde mulimu gusukka ku busobozi bwo nga bw'omussaamu obwesige n'okugondera by'ayagala.

### **Okudda Ku Mulamwa**

Katonda alaze ebitundu mw'osesetuse mu nkolagana yammwe n'ab'omu maka go? Bwe kiba bwe kityo, goberera ebintu ebyogerwako wammanga okuzza amaka go ku mulamwa.

1. Yatula eri Katonda, okkirize obunafu bwo, ensobi zo, oba okulemererwa ko.
2. Funa okusonyibwa Katonda. Muleke akukwate mu mikono gye egy'okwagala n'ekisa.
3. Weenenye nga weewala ensobi yo era weeyama okutambulira mu buwulize eri by'ayagala.
4. Saba munno akusonyiwe, bwe kiba kyetaagisa.

Beera mwetegefu okusonyiwa munno nga Katonda bwe yakusonyiwa mu Kristo.

## Ekyongerezeddwako R: Enkuluze

Amakulu g'ebigambo bino gagiddwa mu nkuluze ya Webster's New International Dictionary of the English Language, G & C Merriam Company, ne The Complete Word Study Dictionary, Spiros Zodhiates, AMG Publishers.

**Okusigala;** okugenda mu maaso mu kifo; okugumira awatali kwewaayo.

**Okukakasa;** okukakasa nga kituufu; kakasa mu ngeri ennungi.

**amalala oba amalala:** Okwegulumiza; okuwulira oba okweraga nti oli mukulu, obutafaayo ku balala. Okwegulumiza; okwewa eddaala erya waggulu, eddaala eritali lya makulu.

**egumira ebintu byonna:** Eddubu, *stego* (Oluyonaani). Okukweka, okukweka. Okwagala kukweka ensobi z'abalala oba okuzibikka. Kikuuma obusungu nga emmeeri ekuumma amazzi oba akasolya nga enkuba tetonnya.

**okukkiriza:** *Pisteuo* (Oluyonaani). Okubeera n'okukkiriza oba okusikiriza ennyo mu kintu. Kiraga endowooza y'essuubi erisuubirwa.

**okwewaana:** Okwogera ku muntu yennyini, oba ebintu ebikwata ku muntu yekka, mu ngeri ey'okwewaana; okwewaana.

**companion:** Oyo awerekedde oba ali mu kibiina n'omulala; omufumbo, omubeezi, okufaayo kw'omukwano ogutali gumu ogw'enjawulo ng'omufumbo oba munne.

**okugeraageranya:** Oyo ye munne, oludda olulala, ekitundu ekikontana, munne, mubeezi, naye nga si kifaanagana.

**okukkaanya:** Okugonjoola enjawukana nga buli omu akkiriziganyizza.

**okutereeza:** Ekigambo kya Katonda kitubuulira engeri y'okuzzaawo ekintu mu mbeera yaakyo entuufu, okuteekawo ekintu ekigudde ekigolokofu, nga kisonga ku bulamu obw'okutya Katonda.

**okuyonoona:** Miano (Oluyonaani). Okusiiga langi nga okusiiga endabirwamu, okusiiga langi, okucaafuwaza, okwonoona.

**okukangavvula:** Hupopiazo (Oluyonaani). Ekozesebwa okunnyonyola abakubi b'ebikonde nga bakuba emiggo egy'okukoona; ebikonde ku kitundu kya ffeesi wansi ddala w'amaaso

okutuusa lwe gaaba amaddugavu ne bbululu. (Ebitundu ebikwatagana: 1 Timoseewo 4:7–8; Yuda 3; 2 Peetero 1:5–6)

**amaanyi ag'obwakatonda:** Amaanyi, *dunamis* (Oluyonaani). Amaanyi ag'amaanyi, oba obusobozi okukola Katonda yekka ky'asobola okukola.

**enjigiriza:** Okuyigiriza kwa Katonda okw'obwakatonda kuwa omubiri omujjuvu era omujjuvu ogw'amazima ag'obwakatonda ageetaagisa mu bulamu, okutya Katonda, n'amaka.

**okuzimba:** *Oikodome* (Oluyonaani). Okuzimba olw'amagoba ag'omwoyo oba okukulaakulana kw'omuntu omulala; ekozesebwa okulaga okuzimba ennyumba oba ekizimbe.

**okugumira ebintu byonna:** Okugumira, *hypomeno* (Oluyonaani). Okubeera wansi, okugumiikiriza wansi, okubonaabona, ng'omugugu gw'ennaku. Okukkiriza kw'omugumiikiriza, okukwata ekifo kyakwo nga tekikyayinza kukkiriza wadde okusuubira.

**enraptured:** *Sagah* (Olwebbulaniya). Isaaya yakozesa ekikolwa kino okulaga okuwuguka, okuwuguka oba okuwubaala olw'okutamiira (Is. 28:7). Yali asobola okunnyonnyola okutamiira, si kuva mu wayini oba bbyia yekka naye n'okuva mu kwagala (Engero 5:19–20).

**obuggyga:** Obutamatira oba obutabeera bulungi ng'olaba obulungi oba omukisa gw'omulala, nga buwerekerwako obukyayi ku ddaala eritali limu n'okwagala okuba n'enkizo ezenkanankana; okunyiiga mu ngeri embi.

**okusuubira:** Okusuubira oba endowooza y'ekintu ekigenda mu maaso; omutindo ogusuubirwa.

**okuleka:** Okwegaana. Buli lunaku kватагanya ebintu bye tukulembeza n'Ekgambo kya Katonda, ekiteeka by'ayagala ku byaffe.

**gentle:** Kirabika, kituukirawo; obwenkanya, obwenkanya, obw'ekigero, obugumiikiriza, obutakkaatiriza ku bbaluwa ya mateeka. Alaga okufaayo okutunuulira mu ngeri ey'obuntubulamu era mu ngeri entuufu ensonga z'omusango.

**obutuufu:** *Dokimion* (Oluyonaani). Ekintu ekigeseseddwa ne kikkirizibwa. Ekozesebwa okunnyonnyola ebyuma ebyali biyise mu nkola ey'okuggyawo obucaafu bwonna.

**glorify:** Okufumiitiriza, okussa ekitiibwa, okutendereza, okuwa ekitiibwa oba ekitiibwa nga omuteeka mu kifo eky'ekitiibwa.

**omutima:** *Kardia* (Oluyonaani). Entebe y'okwegomba, enneewulira, omukwano, obwagazi, ebisikiriza; ebirowoozo.

**omutima: *Lebabu* (Olwebbulaniya). Ebirowoozo, omuntu ow'omunda (okwagala, enneewulira). Ekigambo kino okusinga kyogera ku nneeyisa yonna ey'omuntu ow'omunda.**

**omuyambi:** *Azar* (Olwebbulaniya). Okuyamba, okuwagira, okuwa okuzzaamu amaanyi; omu eyeetooloola, akuma, era n'ayamba omulala.

**omuyambi:** *Ezer* (Olwebbulaniya). Okuyamba oba obuyambi obuweebwa; kiraga abantu abawa obuyambi. Omukazi yatonda ng'omuyambi wa Adamu ow'okujuliza (Olubereberye 2:18, 20). Mukama ng'omuyambi wa Isirayiri (Koseya 13:9). Mukama ng'omuyambi wa Isirayiri omukulu (Okuva 18:4; Ekyamateeka 33:7; Zabbuli 33:20; 115:9–11).

**omuyambi:** Oyo ajja n'ayamba, so si kukulembra.

**okuyigirizibwa mu butuukirivu:** Ebyawandiikibwa biwa okutendekebwa okulungi. Okuyigiriza mu kusooka kwali kwogera ku kutendeka omwana mu nneeyisa ey'okutya Katonda; si kunanya kwokka n'okutereeza enneeyisa enkyamu (Ebikolwa 20:32; 1 Timoseewo 4:6; 1 Peetero 2:1–2).

**ekika:** *Chrestos* (Oluyonaani). Okukola ebirungi; kitegeeza okuba omukkakkamu, omusaasizi, omusaasizi, ow'ekisa, era ow'empisa ennungi okwawukana ku mukambwe, omukaluba, omusongovu, omukaawa oba omukambwe. Endowooza y'empisa ennungi.

**okumanya:** *Epignosis* (Oluyonaani). Okwetaba mu bujuvu mu kufuna okumanya, n'okukukozesa.

**okugumiikiriza oba okugumiikiriza:** Okubeera ow'obusungu obuwanvu, ekikontana n'obusungu obw'amangu; kizingiramu okutegeera n'obugumiikiriza eri abantu. Kyetaagisa okugumira embeera, so si kufiirwa kukkiriza oba okulekulira.

**omukwano:** *Agape* (Oluyonaani). Okuddamu kw'omutima gwa Katonda eri aboonoonyi abatasanaa. Agape kwe kwagala kwa Katonda okwolesebwa mu kweefiriza olw'okugasa ebantu by'okwagala kwe, Omwana we n'aleeta okusonyiyibwa eri omuntu. Engeri ya Katonda enkulu enoonya ebirungi by'abalala awatali kulowooza ku bikolwa by'abalala; kizingiramu Katonda okukola ekyo ky'amanyi nti kisinga ku muntu so si ekyo omuntu ky'ayagala. Agape ali mu kusalawo okwagala awatali bukwakkulizo.

**omukwano:** *Fileo* (Oluyonaani). Engeri omwoyo gw'omuntu gye gukwata ku ekyo ekigusikiriza ng'ekisanyusa. Yawukana ku agape era ayogera ku kitibwa, ekitiibwa eky'amaanyi, n'omukwano omugonvu era asinga kukwata ku nneewulira. Okwagala kw'omukwano; esalibwawo essanyu omuntu ly'afuna okuva mu kintu ky'ayagala okwagala okwo. Phileo mukwano ogw'obukwakkulizo.

**okufumiitiriza:** Okuwowoggana, okwogera oba okugugumbula amaloboozi ag'okuwuubaala, ng'okusoma ekitundu mu ddoboozi ery'omwanguka oba okunyumya naawe kennyini, okukwatagana n'ekiwandiiko kisobole okunnyika mu birowoozo byo. Ng'ensawo ya caayi ennyogovu mu mazzi bw'eyita mu mazzi, n'okufumiitiriza ku Byawandiikibwa bwe kuyita mu birowoozo byaffe. Mu nsi ya Baibuli, okufumiitiriza tekyali nkola ya kasirise.

**minister (noun):** Omuweereza oba omuweereza; oyo alabirira, afuga, era atuukiriza.

**minister (verb):** Okutereeza, okulung'amyia, n'okuteeka mu nsengeka; okuveereza, okuveereza omulala; okukolera Mukama ng'omuddu.

**obutasanyukira butali butuukirivu (obutali butuukirivu):** Bw'olaba omuntu ng'agwa mu kibi oba ng'akola ensobi, toba musanyufu wadde okwesasuza gy'ali.

**etuukiridde:** *Teleio* (Oluyonaani). Okukola ekijjuvu, ekiraga nti waliwo ekintu ekigenda mu maaso. Naddala n'amakulu okuleeta ku nkomerero enzijuvi, okumaliriza, okutuuka ku kiuubirirwa ekigendereddwa, okumaliriza omulimu oba omulimu.

preference: Omuntu ky'ayagala nga tannatuuka oba okusinga munne. Si kituufu wadde ekikyamu.

**okuwa:** *Pronoeo* (Oluyonaani). Okulowooza ennyo, okulowooza ku, okulowooza, okufaayo, okulowooza nga bukyali mu ngeri ey'okusaba, okufaayo mu kulabirira omuntu omulala.

**ekigendererwa:** Ekigendererwa oba ekyetaagisa okuvaamu oba ekiruubirirwa.

**react:** Okukola nga oddamu ekizimba oba ekisikirizibwa, okukola mu kuwakanya.

**okukola mu mubiri:** Omukristaayo okweyisa mu mbeera mu ngeri ey'ekibi, mu muze gw'obutonde bwabwe obw'edda obugwa, oba okukola mu maanyi gaabwe n'okutegeera okusinga amaanyi n'amagezi g'Omwoyo Omutukuvu.

**nga basanyukira amazima:** Nga musanyuka nnyo; okusanyuka olw'ekyo ekituufu nga basinziira ku bisuubizo bya Katonda.

**okwenenya:** Okumalirira; okulongoosa obulamu bw'omuntu ng'ekivudde mu kwejjusa olw'ebibi by'omuntu; okwejjusa olw'ekyo omuntu ky'akoze oba ky'alekayo okukola mu maaso ga Katonda. Okukyuka n'ogenda mu kkubo eddala; okukyusa endowooza y'omuntu, okwagala kwe, n'obulamu bwe, ekivaamu okukyusa enneeyisa; okukola ebintu mu ngeri endala.

**okunenya:** Ekigambo kya Katonda kitubuulira ekikyamu oba ekibi mu kukkiriza n'enneyisa.

**ddamu:** Weeyisa bulungi oba mu ngeri ennungi.

**okuddamu mu kwagala: Okuddamu n'obulagirizi obw'omunda, okwagala, amagezi, n'amaanyi g'Omwooyo Omutukuvu.**

**okugabanya mu butuufu:** Okusala ekintu ekigolokofu nga bw'okola mu kubajja, mu kuzimba amayinja, oba ng'osala olugoye olugenda okutungibwa wamu.

**rude:** Emayiddwa olw'okukaluba; obukambwe, obukambwe, obubi, obutali bwa kitiiwba, oba okunyiiza mu ngeri oba mu bikolwa.

**okumatiza:** *Rawah* (Olwebbulaniya). Okuwa amazzi, okutonnya; okunywa ekijjulo ky'omuntu. Kitegeeza okuwa omuntu ekyokunywa mu ngeri ey'obugambo n'ey'akabonero (Zabuli 36:8-9; 65:10-11). Kitegeeza okunywa byonna omuntu by'ayagala, okumatiza (Engero 5:19; 7:18).

**obukuumi:** Embeera y'okubeera nga tolina bulabe oba kutiisibwatiisibwa, okuba n'obwesige nti omuntu alina obukuumi, era nti obulamu bw'omuntu bukakasibwa omulala, nga mu mukyala awummudde bulungi mu bukulembeze bw'omwami.

**noonya era oteekewo ebirowoozo byo:** Ebikolwa ebiragiro ebiraga ekikolwa nkola etaggwaawo. Noonya kitegeeza okunoonya n'okufuba okunoonya. Teekawo ebirowoozo byo kitegeeza ekiraamo, omukwano, n'omuntu ow'omunda.

**sooka onoonye:** Ekiragiro okukola n'obutakoma (Matayo 6:33).

**noonya ekkubo lyo:** Okugoberera ekisinga okutuukagana n'ebyo by'oyagala nga tofaayo ku ngeri ebikolwa byo oba amakubo go gye bikosaamu abalala. Obutayagala kufuna biteeso, nga muno mulimu okulagirwa okuva mu ndowooza ya Katonda oba munno.

**okusoma:** Ekikolwa ekiragiro; ekiragiro okukola n'okusigala ng'okola. Kitegeeza okugumiikiriza n'obunyiikivu, okunyiikira, okufuba ennyo okukola kyonna ekisoboka, okwagala ennyo n'obunyiikivu mu kutuukiriza ekiruubirirwa.

**okuweereza:** *Hupotasso* (Oluyonaani). Endowooza ey'obwannakyewa ey'okwewaayo, okukolagana, okwetikka obuvunaanyizibwa, n'okwetikka omugugu.

**talowooza kibi kyonna:** *Logizomai* (Oluyonaani). Kikozesebwaa ng'ekigambo eky'okubala ebitabo, ekitegeeza okussa ebintu awamu mu birowoozo by'omuntu, okubala oba okugatta, okwemalira mu kubala.

**nga tulina ebikozesebwa mu bujuvu buli mulimu omulungi:** Katonda agenderera ffe okutegeera by'ayagala n'okuweebwa amaanyi okugoberera mu buwulize nga tugoberera emisingi nya Baibuli mu Kigambo kye.

**ekyusiddwa:** *Metamorphoó* (Oluyonaani). Mu kino mwe tuggya ekigambo enkyukakyuka (metamorphosis). Okukyuka n'ofuuka ekintu eky'enjawulo ddala, ng'enkwale okutuuka ku kiwujjo.

**amazima:** Gava mu Kigambo nya Katonda; eraga bulungi ekituufu n'ekikyamu.

**omulimu gw'okukola:** *Poiema* (Oluyonaani). Muno mwe tuggya ekigambo ekitontome. Okukola ekintu; omulimu, ekintu ekikolebwa, omulimu oba omulimu ogw'ekikugu.

## Ebigambo Ebisembayo

1. Walter A. Elwell, ed., *Evangelical Dictionary of Biblical Theology*, Baker Reference Library (Grand Rapids, MI: Baker Book House, 1996) Logos Library System.
2. Crossway Bibles, *The ESV Study Bible* (Wheaton, IL: Crossway Bibles, 2008), 51–52.
3. Warren Baker and Eugene E. Carpenter, *The Complete Word Study Dictionary: Old Testament* (Chattanooga, TN: AMG Publishers, 2003), 1039.
4. Baker and Carpenter, *The Complete Word Study Dictionary*, 1101.
5. Max Anders, *Holman Old Testament Commentary: Proverbs* (Nashville, TN: Broadman & Holman, 2005), 50.
6. Spiros Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary: New Testament* (Chattanooga, TN: AMG Publishers, 2000), 984.
7. David L. Allen, *Hebrews, The New American Commentary* (Nashville, TN: B&H Publishing Group, 2010), 609.
8. Joseph C. Dillow, *Solomon on Sex* (Nashville, TN: Thomas Nelson, 1977), 9.
9. Jack S. Deere, “Song of Songs,” in *The Bible Knowledge Commentary: An Exposition of the Scriptures*, eds. J. F. Walvoord and R. B. Zuck, vol. 1 (Wheaton, IL: Victor Books, 1985), 1022.

## Ebikwata Kumuwandiisi

Omusirusiru. Omuyizi eyalina obuzibu okusoma ebiwandikidwa. Omuyizi wa siniya ey'okusatu naye nga omutindo gw'okusoma eguli ku ddaala ly'ekyookusatu. Omwami atalina ky'amanyi era taata atulugunya. Byona by'ali binyonyola Omusumba Craig Caster mu kiseera ekimu mu bulamu bwe, naye Katonda yalina enteekateeka ya njawulo gy'ali.

Wadde nga Craig yali atya okwogera mu lujjudde, Katonda yamuyita mu buweereza obw'ekiseera kyonna mu 1994. Yafuluma mu kukirira nga talina buyigirize wadde diguli mu seminaaliyo. Yayawulibwa mu 1995 era okuva olwo awandiise ebitabo bina; n'afuula abasajja bangi abayigirizwa; Awabudde ebikumi n'ebikumi; akulembede bangi nnyo eri Kristo; era ayigiriza enkumi n'enkumi okuyitira mu misomo gy'obufumbo n'okukuza abaana, mu zi semina z'abasajja, n'enkuinjaana z'abasumba mu Amerika n'ensi yonna. Byonna olw'ekisa n'amaanyi ga Katonda.

Wadde nga Craig yawa Yesu obulamu bwe mu 1979, enkyukakyuka ze zaatandika bwe yatandika okubeera n'obudde ne Yesu n'Ekiagbo kye buli lunaku. Mu butuufu, Yesu ayagala okuba n'enkolagana ey'oku lusegere ne buli omu ku ffe. Obulamu bwe bukyuse emirembe gyonna kubanga agoberera enkolagana eno era yeesigamira ddala ku Kristo.

### **Daamu amaanyi.**

Bw'oba olafubana n'okwesiga nti Katonda asobola okukola mu bulamu bwo n'okuyita mu bulamu bwo, daamu amaanyi olw'ebafaayo bya Paasita Craig. Tokkiriza bibi byo eby'emabega, obuzibu bw'okuyiga, okuya okuyigiriza ova okwogera, ova obutasoma kukulemesa kugondera okuyitibwa kwa Katonda ku bulamu bwo. Katonda ayagala okukufuula omuyigirizwa we, era bw'oba omufumbo ova ng'olina abaana, ayagala okukufuula omufumbo era omuzadde amussaamu ekitiibwa. Ekisa kye kyewuunyisa era tekirina kkomo. Ayagala nnyo era ayagala okugulumizibwa okuyitira mu ggwe.

### **Ebisubizo By'aKatonda gy'Oli.**

Twebaza Katonda olw'ebisuubizo bye ebingi n'enteekateeka ze. Fumiitiriza ku bisuubizo bye okuva mu bigambo bya "Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo."

<sup>1</sup>Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo, eri abo abaafuna okukkiriza okw'omuwendo omungi nga ffe bwe twakufuna mu butuukirivu bwa Katonda waffe

era Omulokozi waffe Yesu Kristo; <sup>2</sup>ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda ne Yesu Mukama waffe.

<sup>3</sup>Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye. <sup>4</sup>Mu byo mweyatuweera ebisuubizo ebinene era eby'omuwendo omungi ennyo; olw'ebyo mulyoke muwone okuzikirira okuli mu nsi okuleetebwa okwegomba okubi, mulyoke mugabane ku bwa Katonda bwe. <sup>5</sup>Olw'ensonga eno mufube okulaba nga, ku kukkiriza kwammwe mwongerako obulungi, era ne ku bulungi bwammwe mwongerako okutegeera; <sup>6</sup>era ne ku kutegeera kwammwe mwongerako okwegendereza; era ne ku kwegendereza kwammwe mwongerako okugumiikiriza; era ne ku kugumiikiriza kwammwe mwongerako okutya Katonda; <sup>7</sup>era ne ku kutya kwammwe Katonda mwongerako okwagala ab'oluganda; era ne ku kwagala ab'oluganda kwammwe mwongerako okwagala. <sup>8</sup>Kubanga bwe muba n'ebyo ne biba ebingi, bibafuula abatali bagayaavu n'ababala ebibala olw'okutegeerera ddala Mukama waffe Yesu Kristo. (2 Peteero 1:1-8).

## Ebikwata Ku Buweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka

Obuweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka (FDM), obuwereza obwa na kyeewa ekyatandikibwawo mu 1994 n'omutandiisi era omuddukanya omusumba Craig Caster, efuba okuwagira, okusomesa n'okutendeka omubiri gwa Kristo okuweereza amaka. Okusobola okutuukiriza ekigendererwa kino, FDM ewa ebitabo by'okujjuzaamu, obutambi ezibisemba, n'ebikozesebe ka yintaneeti eby'okusoma kinnoomu, ebibinja ebitono, okusoma mu kibiina ky'awaka, n'obuyigirizwa omu ku omu. Bakola emisomo egikwata ku bufumbo, okukuza abaana, okutegeera abavubuka, n'okuteekateeka abuyigirizwa mu kkanisa.

Ekigendererwa kya FDM mu buweereza kwe kukubiriza, okutendeka n'okuteekateeka abakulemeze b'amakanisa g'Abakrisitaayo okukulaakulanya okwolesebwa kw'okubeera abayigirizwa n'okubawa ebitabo eby'okujjuzaamu eby'esigamye ku Bayibuli okubayamba okuweereza amaka mu makkana gabwe. Okuva mu 1995, enkumi n'enkumi z'abantu bamalirizza emisomo gy'obufumbo n'okukuza abaana era ebikumi n'ebikumi by'amakanisa mu Amerika n'ebweru w'eggwanga biweereza ebibiina byabwe nga bakozesa ebintu bya FDM. Obuweereza bwabwe era buyamba amaka mangi okuyitira mu bintu bya yintaneeti eby'obwerefere ebisangibwa ku FDM.world.

FDM yenyigira mu kuwereza mu nsi yonna mu mawanga nga Russia, Ukraine, Cuba, Mexico, Africa, Singapore, Japan ne China. Manya ebisingawo ku FDM.world.